# Omununuzi Ow'omu Lulyo
Jeffersonville, Indiana, USA
Octoba 02, 1960

1 Weebale, ow'oluganda Neville. Mukama Akuwe Omukisa. Kirungi nnyo okukomawo nate, enkya ya leero, okudda mu nnyumba ya Mukama. Nzikiriza olumu kyayogerwa nti, "Nnasanyuka bwe baŋŋamba nti, 'Ka tugende mu nnyumba ya Mukama.'" Charlie, vvaayo emabega w'empagi eyo, ojje wano waggulu weefunire akatebe. Jjangu waggulu wano. Mwannyinaze, waliwo awo akatebe emabega awo, awantu awamu, tusobola okukanyigawo? Ekifo kiikino wano wennyini waggulu, nnyabo. Jjangu waggulu wano. Wano, Charlie, jjangu otuule wansi ne Banks waggulu wano, kale nno oleme okuyimirira. Buli mulundi omulenzi oyo gw'ajja okuva wansi eyo mu Kentucky, n'ajja engulu eno, ayimirira, buli kumakya. Era tujja kumufunira waggulu wano.

2 Ekifo kiikino wano, ku nkomerero y'akatebe wano, ak'omuntu omulala. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Waliwo omukyala emabega wano, naye." -Omuk.] Waliwo omukyala ayimiridde emabega, emabega eyo. Jjangu Yambuka ojje wano. Akatebe kaakano wano, mwannyinaze, kumpi na wano waggulu. Jjangu ddala mu maaso. Ndowooza omuntu omu ali mu kagaali k'abalema awo. Weebuli? [Mwannyinaffe agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"] Yee. ["Waliwo akatebe wano wennyini."] Waliwo akatebe akalala wano. Omuntu omu bw'aba ayagalako akamu, eyo emabega, wano wennyini waliwo akatebe. [Ow'oluganda agamba nti, "Ne wano waliwo kamu, Ow'oluganda Branham."] Waggulu wano waliwo kamu, weetereeze bwe tereeza. ["Akalala, kali wano."] Yee. Osobola okufunawo kamu wano.

Kaakano, mujje mutuule mu bifo byammwe. Era muwulire ddala… Twagala mmwe mubeere nga mutebenkedde bulungi eno nga ffe bwe tugezaako okuleeta Ekigambo kya Mukama.

3 Oh, mazima ddala kirungi okubeera wano.

Sinnalaba Charlie ku kituuti. Waali emabega awo? Kale, mumuleete wano. Abange! Mbadde ne Charlie, wansi eyo, ennaku entonotono eziyise, era sisobola kukyebeera eky'okugenda mu nnyumba ye n'endya, kale ŋŋenda kumuleeta wano wennyini ku kadaala, enkya ya leero. Buli lw'ajja wano, ayimirira okwetooloola ekisenge awo, okubaako gw'awa ekifo. Kale nno enkya ya leero nnatunudde ebweru ne mmulaba ng'ayimiridde awo, ne ndowooza nti, "Nze-nze nja kumuyingiza wano kaakano." Kale, tekirina buzibu. Kaakati enkya ya leero tujja kubeera n'obubaka okuyita mu w'oluganda Russell Cox. [Ow'oluganda Branham n'ekibiina baseka -Omuk.] Nellie ali wa? Nze…Ekyo kijja kuba kirungi gy'ali. Wa? Weewaawo. Ky'ekyo.

4 Kale, ndi musanyufu ddala okulaba bangi ku b'emikwano ebweru. Ssande eyayita bwe nnavaawo, nnawulira bubi wiiki yonna. Nnalina mukwano gwange omulungi ng'atudde wano, okuviira ddala eyo wansi mu Maserengeta. Ow'oluganda West. Era nange nnali ntambuddetambudde okuyita mu kibiina, nga buyise. Ne ŋŋamba nti, "Ndi musanyufu okulaba gundi ne gundi," ne ntunula waggulu w'owoluganda West, ne ssimwetegereza okutuusa bwe yabadde afulumira ebweru. Awo ne ndowooza, wiiki yonna nti, "Ow'oluganda West anaalowooza nna-nnakigenderedde okutunula obutunuzi waggulu we." Wabula Mu-Mukristaayo, kale ekyo akitegeera okusingawo. Ekyo akimanyi Nze… mukwano gwange ddala. Era mmanyi akimanyi, ekyo ssaandikikoze.

5 Nnabadde ndowooza enkya ya leero, okuserengeta, okulaba abantu abava mu bitundu eby'enjawulo. Kaakati, wuuno wano Ow'oluganda West emabega wano nate, enkya ya leero. N'ow'oluganda ne Mwannyinaze ba Kidd wano, okuva mu Ohio. Era n'abamu ku ba…Mmanyi ow'oluganda Evans ali wano. Nnagenze okumulaba jjo mu ttuutu, ku wooteeri esulibwamu abatambuze, wabula ndowooza yabadde afulumye n'Ow'oluganda Fred n'abo. Era bava eyo mu Macon, Georgia, wano, buli Ssande nsobole okwogera. Okuva e Macon, Georgia, lugendo luwanvu wansi awo. Lulinga lwa mmayiro nga lunaana, oba okusingawo kko, bwe ndowooza, wansi eyo. Ng'aluvuga buli lunaku ne famire ye, buli lunaku lwe njogera. Era ekyo kya buwulize.

6 Nnabadde-nnabadde ndowooza, oh, awo, singa bw'oba olina emikwano bwe gityo, egyagala okuyimirira ku luuyi lwo! Kaakano, ki…abantu abo tebava mu Georgia, na mu Ohio, n'ebitundu eby'enjawulo eby'eggwanga, okujja mu kkuŋŋaaniro lino ettono, okumpulira. Wabula bajja wano kubanga bakkiriza Obubaka obwo. Ky'ekyo kye bakkiriza. Bakkiriza Obubaka obwo. Era awo nteekeddwa kubeera mwerufu era omwesimbu kyenkana wa ku kikwata ku Bubaka obwo! Kubanga, si-si nze nzekka, aba awaba, naye mbaako ne gwe mpabya omulala. Mulaba? Era awo Katonda abeera agenda kuvunaana olw'ensobi zaabwe, kubanga nze mba nakisomesa. Mulaba?

Era mbabuulira, mazima kikuleetera okulowooza ennyo bw'ogenda okulowooza ku bintu bwe bityo. Kale nze-nsiima buli omu ku mmwe, kirungi nnyo okumanya nti muvuga mmayiro ezo ebikumi n'ebikumi, nga muyita mu nguudo ez'obulabe ennyo ne ku nguudo ennene ezo, okwo okubeera obubenje n'ebintu. Okukkiriza kwammwe mu Katonda kubavuga okubayisaamu, mu buli ngeri, ne kubaleeta wano ne kubazzaayo. Tuli basanyufu nnyo okuba n'emikwano egy'ekika ng'ekyo. Nsaba emikisa gya Katonda gibabeereko.

7 Kaakati, Ssande eyayita, nna-nnagamba nti, "Kale, tugenda kwogera, awo nno ndyoke mpite olunyiriri lw'okusabirwa." Mbadde nninako engeri gye mbadde ngezaako okuyiiya, okugezaako okuzuula engeri y'okusabiramu abantu abawerako. Era singa nsabira abasingawo kko nga Ssande eyayita, nze… omuntu omu ajja kuba ng'ansabira. Nnava wano, kumpi ku ssaawa munaana. Era nga ssaagaba bu kkaadi bwa kusabirwa.

Okugaba bu kkaadi bw'okusabirwa mulimu mukalubu. Simanyi oba mukimanyi, oba nedda, abantu bakukyawa. N'ow'oluganda Banks Wood, yagamba, olunaku luli, bwe twali tuli wansi eyo mu Kentucky, nti ajja kuyamba okugaba bu kkaadi Billy bw'aba nga teyazze. Kale Billy olw'okuba nga mutabani wange, nga bwe mumanyi, olw'ensonga, ba…Nfuna ebbaluwa ntontono nti, "Yansuubiza kkaadi y'okusabirwa n'amala n'atagimpa. Ka ssekalimbira ako akato! N'olwekyo ba…Tayinza kuziwa buli muntu. Era tetusobola kuleeta bangi mu lunyiriri! Mukiraba? Alina okunkuuma.

8 Era-era bwe twavaawo, muka mwana wange n'agamba nti, "Bill, ojja kuba olina okuzzaayo Billy munda eyo ne bu kkaadi bw'okusabirwa, oba," nti, "tojja kuwangaala nnyo."

Era, kale, naye we nnakoledde ensobi, kwabadde kutandika kwawula myoyo, omuntu omu n'akomawo, n'agamba nti, "Nneerabidde, maama yabadde ayagala okusabirwa." Mumanyi kiki ekibakomyawo, kuba kwawula myoyo, mulaba. N'olwekyo, wabula, sibanenya. Nnandikoze ekintu ky'ekimu. Mulaba? Nnandikoze e…Tuli bantu, era ffenna twagala okubeera abalamu, era twagala okumanya eky'okukola. Ky'ekyo kye tuli…Naye osobola okutuuka ewala n'ebintu ebyo, ggwe, olw'ekirabo, awo nno obeera oweebuse, ekyo bwe kibaawo emirundi egiwerako.

N'olwekyo Ow'oluanda Banksa yabadde agenda kugaba bu kkaadi amakya gano, ne Billy nga yayingiddewo ekiro kya Ssande ekyayise. Bwe ntyo ne ndowooza nti ekyo kijja kuba kibi nnyo, omusajja ow'ettutumu, nga Ow'oluganda Wood, okugaba bu kkaadi bw'okusabirwa, abantu ne bamuyiikira. Ndowooza Billy ye teyeefirayo. Ye bamuyiikiddenga okumala ebbanga emppanvu, ye akireka bulesi ne kiyita. Kirungi.

9 Kaakati-kaakati wiiki eno eddako ŋŋenda kubeera mu Dellas, ekiro ky'Olw'okutaano luno olujja, ku lukuŋŋaana olw'Eddoboozi ly'Okuwonyezebwa. Ng'abantu bagenda kubaayo eyo, ndi wa kubaayo ekiro ekyo ekimu, okwogerera mu lukuŋŋaana lwabwe. Era njagala okwogera ku ky'okuyigako ki *Enkwata y'Okussa ekimu,* Mukama ng'Asiimye.

Era awo, oboolyawo, Ssande eddako, eyo nga ye Ssande eno ejja, Mukama bw'Anaaba Asiimye. Kaakati siri mukakafu nnyo. Mukama ng'Asiimye, njagala okukomawo njogere ku ky'okuyigako kye nnabadde nteekeddwa okwogerako leero, *Kibuyaga mu Mbuyaga ey'Akazimu.* Era nnabadde ŋŋenda kusabira abalwadde, olwa leero. Ate ng'okwo kulimu okunenya ennyo e-ekkanisa olw'ebibi byayo. Era-era ekyo si kyakuyigako kirungi okwogerako ng'ogenda kuyita ab'okusabirwa. Olina okuzimba okukkiriza kw'abantu oku...eri okusaba, n'eri Katonda, n'okubeera n'okukkiriza. N'olwekyo nnagambye Ow'oluganda Neville okulanga nti enkya ya leero nja kuba njogera ku ky'okuyigako ekirala, okuzimba okukkiriza mu bantu, eri Katonda. Kuli okulala, okunenya abantu olw'obutakuuma biragiro bya Katonda. Ate wano, kuzimba bantu, okuba n'okukkiriza mu Katonda. Mulaba?

10 Era amakya ga leero emabega eyo mu kisenge ky'okusabiramu, oba gye bakwatira amaloboozi emabega eyo, mukwano gwange ow'edda, Ow'oluganda Kidd, ekinaana-ow'emyaka ekinaana egy'obukulu, atudde wano. Bangi ku mmwe mujjukira bwe nnayanguwa okugenda gy'ali amakya gali, yali-yali anaaatera oku…kibadde ng'omwaka gumu ogusemberedde okuyitawo kaakano ng'afa, nga mulwadde nnyo, n'abasawo nga bamuwadde wiiki emu okuba omulamu. Oba, ne wiiki obutawera, ba…Nga tayinza kuba mulamu okutuusa ku makya ng'aleeteddwa wano, nga wayiseewo amakya nga ga mirundi esatu. Era nga kaakati yali awezezza kikumi mu etaano, oba ekintu bwe kityo. Yagambye, akaseera katono akayise, nti akomyewo olw'ekikumi mu asatu mu ebiri. N'agamba mbu yeewulidde ng'omulenzi omuto.

Ow'oluganda Kidd, nneebuuza oba ng'oyinza okuyimirirako kko, abantu basobole okumanya omubuulizi ono nnamukadde y'ani. Wuuyo awo. Ka tugambe nti, "Weebale Mukama. [Ekibiina kigamba nti, "Weebale Mukama!" -Omuk.] Omusajja ng'afa ne Kkookolo, mu mbeera eyo. Alina ombeezi omwagalwa awo. Ŋŋamba nti kale singa ayimirako, naye. Nze…Mwannyinaze Kidd, kiri kitya bw'oyimukako awo? Kaakati, ali…Mulaba engeri gy'asobolamu okwanguwa okuyimirira? Ansinga n'okusinga. Katonda Awe Omukisa Ow'oluganda ne Mwannyinaffe ba Kidd. Ka emikisa gya Katonda gibe gye…Weebale, mwannyinaze.

11 Balafuubana okuyita mu nsozi ze Kentucky, eno n'eri mu bukubo bw'omu kirombe ky'ekyobugagga eky'amanda, nga bagobebwa, basindiikirizibwa, nga bajeregebwa, nga bayigganyizibwa, nga babeerawo ku kyonna kye basobola. Nga basekula kasooli gwe baabeeranga basanze ku mmotoka, awantu awamu, ne babeerawo ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Era emyaka kinaana egy'obukulu, nga bakyabuulira Enjiri. Kaakati, bakaddiye nnyo okusobola okufuluma ebweru, kale nsabira obugoye obw'essaala ne mbubasindikira, ne bagenda mu maaso nga babutwala eyo mu malwariro n'ebintu bwe bityo. Abantu bajja ne babufuna. Kaakati, ekyo okirina mu mutima. Si bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Bw'oba tosobola kufuluma wabweru kubasisinkana, osobola okubasindikira akagoye ak'essaala, bw'otyo,

abantu abalina okukkiriza. Era tekirina buzibu.

12 Ow'oluganda Rogers naye waali, awantu awamu munda wano olwa leero, Ssezaala w'ow'oluganda Creech, mukwano gwange omwagalwa ennyo. Ŋŋenda mu maka ge nga bwe ŋŋenda wansi eyo ewa Charlie ne Nellie era n'abo abali wansi eyo kaakati, mu Kentucky. Era-era baateranga okugenda eyo ne bayigga, ekiseera kyonna, naye. Era wano, ebbanga ssi ddene eriyise, emyezi nga kkumi n'esatu egiyise, omusawo yamukebera. "Ng'alina Kkookolo," n'agamba nti, "oyo agenze."

Ne ndowooza nti, "Mukwano gwange omwagalwa omukadde!" Eyazirwanako, mu Ssematalo Eyasooka, omusajja omuzira ddala, famire ye. Era nnamubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo, emyaka mingi egiyise, olw'okuggibwako ebibi bye, awo ne mmanya nti yayingizibwa mu Mubiri gwa Kristo, era nga yali mwetegefu okugenda okusisinkana Katonda. Nnalowooza nti, "Muganda wange omwagalwa agenda kutambula okweyongerayo kaakano." Kyaliwo ddala oluvannyuma lw'okwolesebwa okwo, oba nga okwolesebwa okwo tekunnajja gyendi, okukwata ku Ggulu. Era awo ne nzikirira okumulaba, ne mu kisenge awo musoke n'ajja. Katonda Yakyusa ebintu. Egyo gibadde emyezi kkumi n'esatu egiyise, era akyali wano n'olwa leero, alya.

13 Yamira ekiringa, ekiringa amakerenda ga salufa, ne gamwokya mu mumiro wano bwe wati. Era agenda kubeera mu lunyiriri lw'abokusabirwa, ndowooza, enkya ya leero, ajja. Era mmanyi nti ekyo nkiranze oluvannyuma Billy nga yamaze dda okugaba, oba ng'agenda okugaba, nga mmanyi nti bagenda kugaba zi kkaadi ez'okusabirwa. Ne ŋŋamba mukoddomi we, mukwano gwange omulungi, Ow'oluganda Creech, okumuleeta-omuleeta. Ne ndowooza nti, singa simutuukako, awo nja kumufuna mmuteeke mu bimu ku bino ebisenge ebisabirwamu wano. Wabula abadde alina ka kkaadi k'okusabirwa. Ne ŋŋamba nti, "Busty, njagala ofulumeyo eyo." Erinnya lye ye Everett. Tumuyita buyisi Busty, nga tusazeeko. Era ye-ye… Nnamugamba nti, "Genda oyingire mu lunyiriri lw'okusabirwa. Kisingako nkusabire ggwe ng'amafuta gakyaliko, olw'ekyo." N'olwekyo njagala okubeera…Singa mmanya nti nnasabiddwa, njagala omuntu afukibbwako amafuta nga bansabira.

14 Kaakati ka tugende mu Baibuli zaffe, enkya ya leero, tubikkule mu Kitabo kya Luusi. Ŋŋenda kusoma Ekyawandiikibwa ekimu okuva mu kino, okuva mu Kitabo kya Luusi. Era kaakati nga tetunnakwata ku kyakuyigako kino…Bwe mba nnyinza, njagala okulanga eky'okuyigako kyange eky'amakya ga leero, kiyitibwa: *Omununuzi W'omululyo.* Era njagala okukitandikira mu ngeri nnya ez'enjawulo, ku bununuzi.

Nga ndowooza, Ssande ewedde, nnabadde mbuulira ku ngeri Kristo gye yajjamu okutununula. Era awo, olwa leero, njagala okwogera ku: Omununuzi kye y'ani? Afuuka atya Omununuzi? Era, mujjukire, Omununuzi akununulira ddala, bw'Akununula; okuva mu bibi byo, okuva mu bulwadde bwo, okuva mu buli kintu ekikyamu. Ye Mununuzi.

Kaakati, nga tetunnaba kukikwatako, ka tukoteke emitwe gyaffe twogere gy'Ali, okuyita mu kusaba. Era kaakati ng'emitwe gyaffe tugikotese, nneewuunya bameka enkya ya leero, mu Kubeerawo, abandyagadde okujjukirwa mu ssaala, nga muyita mu kuwanika emikono nga mugamba nti, "Katonda, laba…omanyi okusaba kwange"? Katonda Akuwe omukisa, buli omu.

15 Kitaffe ow'omu Ggulu, ndi musanyufu nnyo, leero, nti waliwo Amaanyi Amangi aga waggulu, nga nkimanyi ekyo, Katonda, nti tusobola okusemberera okuyita mu Mwana, Yesu Kristo, era ne tufuna eky'okuddamu eri ekyo kye tusaba. Nga mu nkuŋŋaana eziyise, twali twogera ku ngeri abasajja abo gye baabungeetangamu mu maliba g'endiga n'amaliba g'embuzi, era nga baali banaku nnyo ekigenze ewala, nga banoonya Ekibuga omuzimbi waakyo n'omukozi nga ye yali Katonda. Nga bamanyi nti singa bamutuukirira Ye, singa bazuula wa we Yali! Nga Yobu, ow'edda, yagamba nti, "Singa ŋŋenda, ne nkokona ku luggi Lwe," mu ngeri endala. "Singa nnyinza okuzuula wa w'Abeera, nnyinza okugenda Eka Naye, era-era nnyinza okwogera gy'Ali, maaso ku maaso." Naye tewaaliwo ngeri eri omuntu ekyo okukikola, kubanga yali eyanoonye, era nga yali yeeyawudde ne bafuuka abagwira eri Katonda.

Naye okuyita mu Oyo ow'omuwendo Eyajja n'Aggulawo ekkubo era n'Asonyiwa ebibi byaffe, n'Atuleeta mu maaso ga Katonda, si ng'abagwira, wabula ng'abaana abajja eri Kitaabwe. Nga tumanyi nti Ajja kutuwa buli kusaba kwe tusaba. Etteeka limu lyokka eriteekeddwawo, liri nti, "Singa Osobola okukkiriza." Eyo y'endagaano. Setaani agamba nti tetujja kukkiriza, ate Katonda agamba tujja kukkiriza. Kaakati olutalo weeruli, era ffe abalina okusalawo. Mu buli ngeri yonna okusalawo kwaffe gye kukolebwamu, y'eyo engeri gye kijja okubaamu. Era kiwandiikiddwa bulungi nnyo nti, "Ebintu byonna bisoboka eri abo abakkiriza."

16 Era olwa leero tukkiriza, nga tujja, nga tujja gy'Oli olw'okuganja okw'Obwakatonda, nga tusaba nti Ojja kuddamu eby'okusaba kwaffe. Na buli mukono oguwanikiddwa waggulu, Omanyi ekiri wansi w'omukono ogwo, mu mitima gyabwe, na kiki ekitegeezeddwa. Kuba kyawandiikibwa, nti, "Ggwe omanyi ebiruubirirwa n'ebirowoozo mu ndowooza, era ng'Osobola okukebera endowooza." Era tusaba, Katonda, nti Ojja kwanukula Okusinziira ku bugagga Bwo n'ekisa Kyo eri buli eky'okusaba ekinokoddwa.

Era tusaba olwa leero, Mukama, nti Ojja kunnyamba, eri ekyo kye nsingira ddala okwetaaga,

oboolyawo, eky'ekibiina; nga mmanyi nti, abateekeddwa mu maaso gange wano, bwe buguzi bw'Omusaayi gwa Mukama Yesu. Baabo, oboolyawo aboonoonyi abatudde wano, nga basiddwa nnyo n'ekibi, nti kijja kubabeerera kizibu, kyenkana nga tekisoboka, bo okutuuka mu kifo we bakkiririza Kristo, kasita Setaani aba ng'akyabasibye nnyo mu maanyi ge. Wabula nga tumanyi nti kyawandiikibwa nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu."

17 Era tuwe amaanyi olwa leero, Mukama, okuyita mu kubuulirwa kw'Ekigambo, okugoba buli muzimu ogw'okubuusabuusa n'okweraguuliriza n'okutya, okuva mu mitima gy'abantu n'endowooza. Nti abantu abo abasibiddwa okuyita mu kunyigirizibwa n'okubuusabuusa baleetebwe mu mikono gya Kristo. Era kyawandiikiba, nti, "Banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde nabo banaawonanga." Waliwo wano Abakristaayo, era nga basibiddwa ne dayimooni z'endwadde.

Mukama, mpa amaanyi olwa leero, ag'Omwoyo Omutukuvu, okusumulula buli mulwadde n'anyigirizibwa ali wano mu kizimbe leero, nti Omwoyo Omutukuvu ow'amaanyi Asobole okufuga mu buli mutima na buli muntu ali mu Kubeerawo kw'Obwakatonda. Yogera naffe okuyita mu Kigambo Kyo. Ekigambo Kyo ge Mazima. Nga simanyi kya kwogera, wabula nga nnindirira ku bukulembeze bw'Omwoyo Omutukuvu, asobole okutuluŋŋamya n'okutulagirira eri Amazima. Kikkirize, Mukama. Weefunire Ekitiibwa Ggwe. Ofuke amafuta ku muweereza wo. Era Ekigambo Kyo kyamala dda okufukibwako amafuta. Tunaakuwa amatendo, nga bw'Okitwala eri buli mutima, nga bwe tukyetaaga. Mu Linnya lya Yesu Kristo, tukisabye, Omwana wa Katonda. Amiina.

18 Nga tetunnasoma, nnyinza okwogera akakwate kano ke njagala obulungi ennyo.

Bw'oba olina emigga gy'otasobola kusomoka,

Ng'olina ensozi z'otasobola kuyitamu,

Jjukira bujjukizi, Katonda mu Ggulu Yakuguka Mu bintu abalala bye batasobola kukola.

Ndi mu kusoma okuva mu Kitabo kya Luusi, essuula esooka.

> *Awo olwatuuka mu nnaku abalamuzi ze baalamuliramu,…enjala n'egwa mu nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemu-Yuda n'agenda okutuula mu nsi ya Mowaabu, ye ne mukazi we, ne batabani be bombi.*
>
> *N'erinnya ly'omusajja lyali Erimereki, ne…n'erinnya lya mukazi we Nawomi,…n'erinnya lya…batabani be bombi Maloni ne Kiriyoni, Abaefulaasi ab'e Besirekemuyuda. Ne batuuka mu nsi ya Mowaabu, ne babeera eyo.*
>
> *Awo Erimereki bba Nawomi n'afa; naye n'asigalawo ne batabani be bombi.*
>
> *Ne bawasa ku bakazi ba Mowaabu; erinnya ly'omu Olupa, n'erinnya ly'ow'okubiri Luusi: ne bamalayo emyaka nga kkumi.*
>
> *...Maloni ne Kiriyoni ne bafa bombi; abakazi ne basigala...omukazi n'afiirwa abaana be bombi ne bba.*
>
> *Awo n'alyoka agolokoka ne baka baana be, addeyo ng'ava mu nsi ya Mowaabu: kubanga yali... awulidde ng'ali mu nsi ya Mowaabu...nga MUKAMA bwe yajjira abantu be ng'abawa emmere.*
>
> *N'ava mu kifo mwe yali, ne baka baana be bombi wamu naye; ne batambula mu kkubo okuddayo mu nsi ya Yuda.*
>
> *Awo Nawomi n'agamba baka baana be bomb inti Mugende muddeyo buli omu ku mmwe mu nnyumba ya nnyina: MUKAMA abakole eby'ekisa, nga mmwe bwe mwakola abaafa era nange.*
>
> *MUKAMA abawe bawe okulaba okuwummula, buli omu ku mmwe mu nnyumba ya bba. N'alyoka abanywegera; ne bayimusa eddoboozi lyabwe, ne bakaaba amaziga.*
>
> *Ne bamugamba nti Nedda; naye tuliddayo naawe eri abantu bo.*
>
> *Nawomi n'agamba nti Mukyuke nate, baana bange: kiki ekibaagaza okugenda nange? Nkyalina abaana mu lubuto lwange babeere babbammwe?*
>
> *Mukyuke nate, baana bange, mweddireyo; kubanga nkaddiye mpitiridde okuba n'omusajja. Bwe nnaayogera nti Nsuubira, newankubadde nga mbeera n'omusajja ekiro kino, era ne nzaala abaana ab'obulenzi;*
>
> *Kale mwandibalindiridde okukula? mwandisigadde olwa...kyemuliva muleka okuba*

*n'abasajja? Nedda, baana bange; kubanga nnumwa nnyo ku lwammwe, kubanga omukono gwa MUKAMA gwafuluma okulwana nange.*

*Ne bayimusa eddoboozi lyabwe, ne bakaaba nate amaziga: Olupa n'anywegera nnyazaala we; naye Luusi ne yeegatta naye.*

*N'ayogera nti Laba, muggya wo azzeeyo eri abantu be n'eri Katonda we: naawe ddayo ogoberere muggya wo.*

*Awo Luusi n'ayogera nti Tonneegayirira kukuleka, n'okuddayo obutakugoberera: kubanga gy'onoogendanga, gye nnaagendanga nze: era gy'onoosuluanga, gye nnaasulanga nze: abantu bo be banaabanga abantu bange,... era Katonda wo Katonda wange:*

*Gy'olifiira, nze gye ndifiira, era gye balinziika: Mukama ankole bw'atyo era n'okusingawo, oba ng'ekigambo kyonna kiritwawukanya ggwe nange wabula okufa.*

19 Okwogera kuno okutono njagala okukuwa omutwe enkya ya leero, nga bwe nkiyigirizaako, nga ngezaako okuleeta okukkiriza gye muli, okw'obununuzi, na kiki kye kiri, na ngeri ki ey'okukifunamu. Njagala okukiwa omutwe: *Omununuzi Ow'omu Lulyo.*

Kaakati, okununula ekintu kyonna, kwe "kukikomyawo." Ekintu ekibadde kibuze, nga bwe bakiteeka mu dduuka ly'ebintu eby'okununulibwa. N'ogenda ekyo n'okinunula, kinunulibwa na muwendo. Awo ne kibeerera ddala ekintu kyo eky'obwannanyini, oluvannyuma ng'omaze okukinunula. Wabula etteeka ly'obununuzi, mu Israeri, yalinanga kubeera wa mu lulyo, okununula ekintu eky'obwannannyini oba ekintu kyonna ekyabanga kibuze.

20 Emboozi yaffe etandikira mu kiseera ky'abakulembeze ba Isiraeri, abo abaali abalamuzi, oluvannyuma lw'okufa kwa Yoswa. N'okuzuula ekifaananyi ekirungi ddala ekya kino, soma essuula ettaano oba omukaaga ezisooka eza Samwiri Ekisooka, era awo ojja-ojja kufuna emboozi yaakyo eyannamaddala.

Naye tugenda kubuukamuuko kaakano okufuna okunnyonnyola okukulu okuva mu kino. Ekyo ekiseera ekiyise, nnatandika ku Kitabo kya Luusi kino, era nga kyali kya wiiki ssatu oba nnya, nga nkiyitamu. Nnatandikira ku Kitabo ky'Okubikkulirwa, omulundi gumu, ne mmala omwaka nga mulamba, nga nkiyitamu. Nga buli Kyawandiikibwa kikwatagana n'ekirala, wonna wonna, okuyita mu Baibuli. Kirungi nnyo. N'olwekyo, Baibuli tukimanya nti Baibuli nga yaluŋŋamizibwa. Mu bibalo ne mu buli ngeri, tewaliiwo kiwandiiko kirala ekyawandiikibwa ekyo ekitalyekontana kyo kyennyini awantu awamu.

Ekitabo kino kyawandiikibwa kyenkana emyaka ng'enkumi nnya egyesudde, Ebitabo bya Baibuli. Era nga byawandiikibwa abamu…Nneerabidde abasajja bameka abaabiwandiika. Nzijjukira. Naye, munsonyiwe. Njagala okwogera nkaaga mu ekintu, wabula nze-nze…Nnyinza okubeera omukyamu awo. [Ow'oluganda agamba nti, "Amakumi ana." -Omuk.] Amakumi ana. Abasajja amakumi ana be baawandiika Baibuli, mu bbanga lya myaka lukumi egyesudde, nga tebamanyiganye, oba okulabaganako, okuba omu okusoma ku by'omulala, emirundi mingi. Era tewali yadde ekigambo ekimu ekikotona ne kinnaakyo. Nga kiruŋŋamizibwa!

21 Kaakati, abantu bangi batunuulira Ekitabo kino ekya Luusi, nga bagamba nti, "Mboozi ya kwagala eya Baibuli." Baibuli mboozi ya kwagala. Baibuli yonna mboozi ya kwagala.

Tekiri ku kubeera mboozi ya kwagala kyokka, wabula ye nnabbi. Si nnabbi kyokka, wabula era byafaayo. Si kyo kubeera mboozi ya kwagala kyokka, ebyafaayo, nnabbi, Ye Katonda Mwene. Kubanga, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, era Kigambo yali Katonda." Kale nno, Kigambo ye Katonda ng'Akubiddwa mu kyapa on. Ekyo kiteekeddwa okukimaliriza, ow'oluganda; Katonda ng'Akubiddwa mu kyapa. Yakuwa, ng'Akubiddwa mu kyapa mu Kitabo. Era tewali kyonna ku kyo ekiringa olugero olujingirire, wabula byonna Mazima ddala. Buli lunyiriri lw'akyo, lukwatiririra emmeeme yo. Weekiri. Ge Mazima, ne Katonda Ekigambo Kye Ajja kukibeera emabega.

22 N'emboozi eno yawandiikibwa, n'ebiwandiiko eby'edda byonna ebyawandiikibwa n'engalo nga tebinateekebwa mu kyapa. Bwe baali balondobamu Baibuli, abasajja abatukuvu, bwe baali bagezaako okugigattagatta awamu mu Ndagaano Enkadde, Ekitabo kino ekya Luusi kye kyali ekimu ku Bitabo ebikulu bye bakkiriza. Lwaki? Bwe kiba nga lugero lwa kwagala kyokka, lwaki abawandiisi abagezigezi ab'edda bakkiriza Ekitabo kino ekiruŋŋamiziddwa? Kubanga, waliwo okubikkulibwa okukwekeddwa mu kyo. Era mu kubikkulibwa kuno okukwekeddwa, ofuna amakulu gaakyo agaddala. Kijja kukusembereza ddala okumpi ne Katonda.

Era nsaba, emmeeme yange yonna, amakya ga leero, nti Katonda Ajja kukwata buli mutima, gutwalirizibwe ddala, okutuusa lw'Aneebikkula Ye Mwene, ekyo ky'Ali, mu mboozi eno; Kiki ky'Ali gy'oli; engeri y'okumukkirizaamu Ye. Era kasita omala n'okiraba, kyangu nnyo, weewuunya engeri gye wagendamu ku ntikko yaakyo. Wabula kisobola kubikkulibwa na Mwoyo Mutukuvu Yekka.

23 Kaakati, bangi, abasoma Baibuli, bagisoma, bayimirira buyimirizi ne basomayo olupapula, ne basoma olupapula. Toligitegeera. Kubanga, eri mu ngero. Ne Yesu Yeebaza Katonda olw'okukikola bwe kityo. Yagamba nti, "Okikwese amaaso g'abagezigezi n'abakalabakalaba, era onookibikkulira abawere ng'abo abanaakiyiga."

Nga bwe njogeddenga bulijjo. Mukyala Branham atudde emabega awo, enkya ya leero. Wabula bwe mbeera emitala w'amayanja, ampandiikira ebbaluwa. Ajja kugamba nti, "Omwagalwa Bill, ntudde wano, ekiro kino, n'abaana. Nkulowoozaako." Era n'agenda mu maaso n'okuwandiika kiki ky'agenda okukola. Wabula mmwagala, era mmumanyi bulungi, nsobola okutegeererawo. Mmanyidde ddala ky'agamba, mulaba, oba agiwandiikira wano oba nedda. Mulaba? Kubanga, mmanyi kiki ky'agamba. Lwaki ekyo? Okwo kuba kusembereganira ddala. Tuli omu. Mulaba? Era amanyi enkula yange, mmanyi eyiye. Ta…

Atuula butuuzi n'antunuulira. Nsobola okukubuulira kiki ky'agenda okwogera, mulaba, kubanga mmummumanyi bulungi. Era asobola okukola ekintu ky'ekimu gye ndi. Kaakati, kiki ekikola ekyo, kuba kwesigaŋŋana. Okwagala!

24 Jjo kumakya, twaluddewo kko nga tugalamidde mu buliri, n'abaana baabadde tebagenda ku ssomero, ne tubaako ebintu eby'enjawulo bye twogerako. Era engeri…" Obukyayi bwali kiki?"

Ne ŋŋamba nti, "Obukyali bwalina entandikwa, kale bulina okuba n'enkomerero. Okwagala tekwalina ntandikwa, n'olwekyo tekulina nkomerero. Obukyayi bwa lubeerera. Okwagala tekuggwaawo. Obukyayi butandika era bulikoma. Okwagala tekutandikibwanga era tekulikoma." Mulaba Tekuggwaawo.

Era omusajja bw'ayagala omukazi n'amuwasa kubanga mulungi nnyo, wajja kubaawo enkomerero ku ekyo. Naye omusajja bw'azuula omukazi oyo gw'ayagala, tamanyi lwaki, wabula amwagala. Era omukazi azuula omusajja oyo gw'ayagala, sinsonga afaanana atya. Omusajja ayagala omukazi. Omukazi ayagala omusajja. Oyo aba mwagalwa wa mu Butaggwaawo mu Kitiibwa. Bajja…Okufa oba ekintu ekirala tekiribaawula bo, kubanga baava mu Butaggwaawo. Ne bavaayo, mu bbanga ery'ekiseera, era bajja kuddayo mu Butaggwaawo. Obutaggwaawo bwakka mu mubiri, oguyitibwa ebiseera, awo ne guddirayo ddala waggulu mu Butaggwaawo nate. Tegusobola kuzikirira.

25 Omukazi omulungi, obulungi obwo bujja kufuumuuka, mazima ddala. Buweeyo emyaka mitonotono. Oboolyawo, leero, nga yeenyigootolera ku luguudo, omukazi omu ayambadde egoye ez'ebikuggu, ng'asindika emmeeme eziwerera ddala mu ggeyeena okusinga ebisenge by'ebbaala byonna mu ggwanga. Wabula ajja kwenyigootolera wansi ku nguudo, ng'alowooza alina ky'ali. Nga Baibuli bw'egamba nti, "Banuusizza ensingo, nga baagala ono n'oli nga boogera beewoomereza,' (Ekyo kitegeeza kwenyigootola) "eno nga bwe bagenda," mu nnaku ez'oluvannyuma. Nga batuukiriza Byawandiikibwa, naye nga tebakimanyi. Bayimirira mu kibangirizi nga baambadde engoye ez'ekikaba, abasajja nga bamutunuulira, nga takimanyi. Ayinza okubeera omulongoofu, eri bba oba omulenzi mukwano gwe, nga bw'asobola okuba; wabula, ku Lunaku lw'Omusango, ajja kubitebya olw'okwenda n'abasajja enkumi n'enkumi. Omwoyo gubaliko, ate nga tebakimanyi. Baibuli egamba nti, "Bali bwereere, bazibe ba maaso, so nga tebakimanyi." Eky'ennaku ku kyo kiri nti, "Tebakimanyi."

Naye obadde okimanyi, nti enkula-ennungi, eyo Katonda gye Yawa omuwala oyo, omulundi guno eyinza okuba nga evunze Ssande eddako w'etuukira? Oyo omusajja omuwanvu, omulungi omuddugavu ayinza okuba nga ky'ali wabula okuba entuumo ya kasasiro, Ssande eddako w'etuukira. Ebyo byonna bizikirira. Wabula ekyo ekiri munda, Katonda, okwagala, kibaawo Obutaggwaawo. N'olwekyo mutunuulire ekiri munda. Mukuumire amaaso gammwe ku mulamwa.

26 Kaakati, emboozi eno erina ky'etandikirako ku nneeyisa eyo, ng'omukazi omulungi ayagalika. Erinnya lye yali Nawomi. Nawomi kitegeeza nti, "Ekisanyusa." Erimeleki ye yali bba, ekitegeeza "okusinza." "Okusinga okusanyusa" Ye yali famire ye. Baalina abatabani, Maloni, eryo eritegeeza "obulwadde." Ne Kiriyooni, omulala, ekitegeeza "obukoowu, okutuggubala, okunakuwala." Famire yali awo.

Ne wagwa enjala mu nsi ya Israeri. N'ensobi esooka Omuyudaaya gy'ayinza okukola kwe kuva mu nsi eyo. Katonda Yabawa ensi eyo. Ibulayimu bwe yaweebwa ensi eyo, Katonda Yamugamba obutava mu nsi eyo. N'akola ensobi n'aserengeta wansi mu Gerali, n'agwa mu buzibu. Omuyudaaya talina kuva mu Palestine. Ekyo kifo kye mw'ateekeddwa okubeera.

Era bagobeddwa, mu nsi yonna. Ne kaakati bali mu kuddayo nate. Oh, nga kika kya mboozi eyo ennungi gye tulina wano, enkya ya leero. Bali mu kuddayo.

27 Nawomi, yaddukayo lwa njala, Nawomi ne Erimereki, ne bagenda mu Mowaabu.

Kaakati okufuna ekinyusi ky'emboozi, kale, nga bwe muwuliriza, mujja kusobola okukwata ekyo ky'eri. Kaakati, Aba Mowaab… Aba Mowaabu, baava mu mwana omweboolereze, abo nga be bawala ba Luuti. Oluvannyuma nga bamaze okutoloka okuva eri omuliro gw'e Sodoma, olw'ekisa kya Katonda, awo abawala ne batamiiza kitaabwe ne basula naye, ng'omukyala. Ne bazaala omwana. Era omu kubo n'avaamu eggwanga lya Mowaabu, eryandibadde ery'Abakristaayo, wabula nga baali beetabikirizza

n'obukaafiiri. Era, labayo, okuva mu nsi esuubize, sinsonga kyalinga kibi kwenkana wa, okutambula okugenda mu nsi endala kyaleetanga omutawaana.

28 Era omulundi gwonna omukkiriza bw'aviira ku butaka Katonda bw'Amuwadde! Emirundi mingi, mu by'obufuzi, mu kulonda kuno okujja n'ebirala, omusajja omulungi asobola okuba omulungi, era ng'ajja kuva ku butaka obwo. Ng'omuweereza omu gwe mmanyi, yeesimbawo okubeera akulira ekibuga. Bwe yakikola, n'ava ku butaka bwe obw'obuweereza, ne Setaani n'amuwangula.

Singa Omukristaayo yenna ava ku butaka obwo. "Kale, nja kumala gaserengeta wansi, ekiro kya leero, ntuulemu kko katono n'abalenzi mu kisenge ky'omuzannyo gwa ppuulu. Sirina kabi ke nja kukola. Nja kunywamu kko olunywa lumu olutono." Obeera ovudde ku butaka bwo. Komawo. Oli mu kweteerawo kkubo lya mitawaana.

"Oh, abawala abalala bonna bafuuweeta. Nja kumala gagezaako lumu." Obeera ovudde ku butaka bwo. Ekyo tokikola. Sigala mu nsi y'obutaka bwo. Tokikola nti, "Kale, buli omu wano, bampita, 'Omulembe gwe gwayitako' Bampita, 'Ow'emisono egy'edda."' Sigala awo, mu buli ngeri. Ekyo ky'ekifo kyo. Sigala mu Kristo.

29 Nawomi, olw'enjala, yava mu nsi n'agenda mu Mowaabu, okwezuulirayo akamere. Teyalina kukikola ekyo, kubanga abalala bo baasigala mu Buyudaaya, Beserekemu. Beserekemu kitegeeza, Beseri, "ennyumba ya Katonda," ennyumba y'amatendo. Ne basigala eyo.

N'avaayo ye ne bbaawe. Ne batabani be ababiri ne bawasa abawala be Mowaabu. Wabula Katonda bw'Abeera nga Ateeseteese ekintu okukolebwa, kijja kutuukawo mu buli ngeri. Y'eyo ensonga lwaki mazima nzikiririza mu Kuteekerwateekerwa, okumanya kwa Katonda okw'edda okw'ebintu.

Awo tuzuula, wano, okufa kwabuutikira famire, ne bakomawo. Kwatta…Omulenzi yafa, abalenzi bombiriri baafa, ne kitaabwe n'afa. Ne Luusi n'azzaayo, Olupa, ne Nawomi.

30 Kaakati, njagala enkya ya leero, okufaananya, Nawomi, omukyala nnamukadde, eri ekkanisa y'Abasoddokisi, ekkanisa y'Abayudaaya ey'Abasoddokisi. Luusi, Omumowaabu, Omunnagwanga, olw'okuba Ekkanisa Enkristaayo, Ekkanisa Empya.

Era njagala okukikwatako, okuva mu mitendera ena egy'enjawulo, Luusi. Nnakiwandiise wano. Luusi, ng'asalawo, ng'akola okusalawo kwe; Luusi, ng'aweereza; Luusi, ng'awummula; Luusi, ng'aweebwa empeera. Nga bwe tukomawo: Luusi, ng'akola okusalawo; Luusi, oluvannyuma ng'amaze okusalawo kwe, awo Luusi aweereza; awo Luusi awummula; awo Luusi aweebwa empeera.

31 Kaakati, ku lugendo lwe ng'akomawo, olwatuuka, nga bw'ali ekifaananyi ky'Ekkanisa, oba Omukristaayo. Nga, buli ssekinnoomu bw'akiikirira eggwana lyonna Ekkulistaayo. Mubadde mukimanyi ekyo? Mmwe, mu nneeyiza zammwe, mu ngeri gye mweyisaamu na kiki kye mukola, mukiikirira Omubiri gwa Kristo gwonna. Mugamba nti, "Naye nze ndi mmemba owabulijjo" Eyo sinsonga. Bwe mwambala erinnya ly'Obukristaayo eryo, mubeera mukiikirira Kristo n'Ekkanisa Ye. Muteekeddwa kubeera bwe mutyo. Muteekeddwa okubeera ng'abasajja ab'obuvunaanyizibwa, ng'abakyala ab'obuvunaanyizibwa. Temukolanga bintu bya nsi, kubanga amaaso g'Eggulu n'ensi gonna gateekeddwa ku mmwe, okukiikirira ekintu ekyo kimu. Sinsonga oli munafu kyenkana wa, oli mutono kyenkana wa, yimusa bulungi omutwe gwo, 'kubanga oli Mukristaayo.

32 Kati, Luusi yali mukaafiiri, yaweerezanga bibumbe, era bw'atyo ne Olupa. Era nga baali ku lugendo lwabwe, nga bakomawo ne nnyazaala waabwe. Kubanga, yali awulidde, nti, wansi mu Beserekemu-ekye Buyudaaya, nti Katonda yali Akomezza ekibonyoobonyo, nga n'abantu baali balina emmere. Yali abaddeyo eyo emyaka nga kkumi, kale Edersheim agamba nti, "emyaka nga kkumi," munnabyafaayo.

Ng'akomawo, nga munakuwavu (nga ne bba mufu, abaana be nga bafu) wamu ne bakabaana be babiri. Awo n'akyuka, mutaagaane, n'abatunuulira, n'agamba nti, "Lwaki mugenda nange? Kaakano, temulina kye mukola kirala wabula okwereetera emitawaana." N'agamba nti, "Munsonyiwe nti omukono gwa Katonda gungolokokeddeko."

33 Emirundi emeka Israeri gy'erowoozezza ekyo, nga temanyi nti yonna yali nteekateeka ya Katonda! Engeri ebisenge by'okunyolwa gye birimu ebweru wa Yerusaalemi, bikyaliyo! Amayinja amakadde aga Yeekaalu, baagalondawo ne bakola ekisenge. Era nga gakuutibwa, n'okuwawulibwa, okuva mu maziga n'okukaaba, okw'engalo z'Abayudaaya, nga bakaaba n'okusaba Yakuwa nti, "Yakuwa!" Nga tebakizuula nti essaawa yaabwe esemberedde ddala kaakati. Ebisenge eby'okukaabirako, "Amayinja gano olumu agaali munda mu Ssanduuko y'Endagaano. Kabaka Dawudi yatunuulira amayinja gano. Ai Yakuwa, Oli wa? Mulaba? Nga tamanyi nti mangu ddala Kabaka we Ajja kukomawo, Omununuzi we. Baalina okugobebwawo kko, ebiro ebitonotono.

34 Nawomi yeebuuza nti, "Lwaki omukono gwa Katonda gubadde gwa busungu nnyo gye ndi, bakabaana bange? Katonda Angobedde ebweru. Ndi muboole. Simanyi kye nnakola, wabula ndi mbooleddwa."

Mulaba?

Katonda Yali Akola nteekateeka Ye. Kubanga, “Ebintu byonna bikola ku lwa bulungi eri abo abaagala Katonda,” sinsonga kiri ki.

N'abagamba nti, “Mudde eri bannyammwe, mwefunire ekiwummulo mu nnyumba za ba nnyammwe. Ba bbammwe bafu. Era mukyali bakazi bato, ababalagavu. Mweddireyo. Muddeeyo gye mwava. Mwewummulire eyo. Katonda Abasaasire, kubanga mwali baakisa eri abafu. Era mubadde mu bulamu obulongoofu okuva ba bbammwe lwe baafa. Mubadde baakisa gye ndi, nze nnamwandu omukadde atalina mwami, ne mwesiba nange. Mweddireyo, ne Katonda Abawe ekiwummulo mu nnyumba zammwe.” Ne baakaba.

35 N'agamba nti, “Bwemba…ndi mukadde. Siyinza kuzaala baana balala. Wabula ne bwe nnandibadde n'omwami ne mba n'omwana, kyandikozeewo kalungi ki? Temwandirinze mwana oyo.” Eryo ddala lye lyali etteeka mu nnaku ezo. Nti singa ow'oluganda yafanga, oba…ne, muganda we omulala nga talina mukyala, yalina okutwalanga mukyala we okusobola okuyimusa erinnya ku lwa muganda we eyafa. “Wabula, ye,” yagamba nti, “temujja kusobola kumulinda, bano abaana abato. Kale nno muddeeyo mwezuulire ekiwummulo mu mayumba ga ba bbammwe. Mweddireyo eri bannyammwe.”

Era, Olupa, ekifaananyi ky'ekkanisa ey'ekibuguumirize eyatandikako olumu, ekifaananyi ky'ekkanisa etajja kugenda wonna. Yagamba nti, “Ekyo kiwulikika bulungi.” Bwe kityo, n'anywegera nnyazaala we ne yeddirayo nate. Ekyo ky'ekifaananyi ky'omukkiriza ow'ekibuguumirize, ajja okukkiriza Yesu okuba Kristo, awo n'akyuke ate addeyo mu bintu bye yavaamu. Omuntu ajja okukwata ekkubo n'aba Mukama abatono abanyoomebwa, ate awo akyuke, adde emabega. “Ng'embwa eddiŋŋana ebesesemye byayo, n'embizzi eddayo mu bisooto byayo,” nga Baibuli by'eyogera.

36 Kaakati, yeddayo eri bakatonda be. Emirundi mingi tuddayo emabega eri bakatonda ob'entandikwa yaffe. Oboolyawo twalina amaaso og'okwaka eri ebintu ebikyamu. Ne tukyuka okudda nate mu kwaka. Oboolyawo twalina ebibumbe by'okunywa omwenge, ebibumbe by'okufuuweeta, ebibumbe by'okulimba, ebibumbe by'okubba, na buli kika kya bibumbe; ate awo ne twatula era ne tubatizibwa, era ne tweddirayo nate. Nga kintu kya nnaku! Mujjukire, erinnya lye teryaddamu kwogerwako yadde omulundi. Yagobebwa olw'okusalawo kwe.

Ekkanisa ey'ekibuguumirize, omukkiriza ow'ekibuguumirize, nga buli mukkiriza bw'akiikirira ekkanisa. Buli Mumerika nga bw'akiikirira America. Buli Mugirimaani nga bw'akiikirira Bugirimaani. Buli Mukristaayo akiikirira Kristo.

37 Wano n'akyuka, okudda mu bintu bye yavaamu. Engeri gye kirimu nti abasajja, n'ababuulizi b'enjiri, ebiseera ebimu, bajja kukwata ekkubo lya Mukama, era bw'oyogera nabo ku kikwata ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu: “Tebiriimu nsa,” ne bakivaako. Oyo ye Olupa.

N'obabuulira ku kikwata ku Linnya lya Yesu Kristo, nti, “Tewaliiwo Linnya ddala eryaweebwa abantu wansi w'Eggulu ly'oteekeddwa okulokokeramu. Buli ky'okola mu kigambo ne mu bikolwa, byonna bikole mu Linnya lya Yesu Kristo, bwe kiba nga tewaliiyo Linnya ddala wansi w'Eggulu ly'oteekeddwa okulokokeramu.” Awo Peetero n'agamba nti, ku lunaku, Olunaku lwa Pentekoote nti, “Bwe muba mwagala okulokoka, mwenenye, mubatizibwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggibwako ebibi byammwe.” Bwe bityo bwe bisangulibwawo. Omuntu, olw'ettuttumu, tasobola kunyweza Baibuli. Wabula olw'ettuttumu, ajja kunywegera Ekkanisa, anywegere Obubaka, anywegere Kristo nti, “weeraba,” yeeddireyo eyo gye yali yafubutuka Olupa, ow'ekibuguumirize, ng'agobeddwa.

38 Wabula, oh, nga njagala Luusi oyo! Yalina okukola okusalawo. Nnalina okusalawo. Olina okusalawo. Tootambule kuva mu nzigi zino, amakya gano, ewatali kutwala kusalawo. Toove mu kisenge kino, olwa leero, waakiri okuba omusajja oba omukazi asingako, oba omusajja oba omukazi ali obubi ennyo. Okukigaana, ojja kuba bubi nnyo. Kijja kuba kikalubo omulundi oguddako, lw'okituukako. Oba, ojja kufuluma ng'oli bulungi ddala.

Ekiseera ky'okwoleka ne kijja mu bulamu bwe. Ekiseera ky'okwoleka kijja mu buli bulamu bwa muntu. Ne Luusi yalina okusalawo. Kale nno, Baibuli egamba nti nnyazaalawe yamugamba nti, “Ddayo eri bakatonda bo nga mugandawo bw'akoze. Ddayo ng'ow'ekibuguumirize bw'akoze. Lwaki toddayo.”

Omubuulizi w'Enjiri, “Bw'oba oyagala okugenda, genda mu maaso.” Omubuulizi ow'amazima ddala ajja okukiteeka mu maaso g'ekibiina ky'abantu nti, “Kola okusalawo kwo. Yimirira ku bigere byo.” Ow'ekibuguumirize, lugoojamye, eno n'eri, tajja kukyogera ekyo. Wabula omuweereza wa Katonda owannamaddala ajja kukiteekerawo “Ggwe kola okusalawo kwo.”

39 Luusi yagamba nti, “Nnagenda gy'onaagenda. Abantu bo be banaaba abantu bange. Katonda wo y'Anaaba Katonda wange. Gy'onooberanga, gye nnaabeeranga. Gy'onoofiira, gye nnaafiiranga. Era gy'onaaziikibwa, gye nnaaziikibwa.” Kuukwo okusalawo okwannamaddala.

“Mukama, nkutwala ng'Omulokozi wange. Baibuli bw'eŋŋamba nti, 'Mwenenye mubatizibwe, mu Linnya lya Yesu Kristo,' ekyo nja kukikola. Baibuli bw'eŋŋamba nti nteekeddwa okufuna Omwoyo Omutukuvu,' enkyo nja kukikola. Baibuli bw'eŋŋamba nti, ”Yesu Kristo y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna,' enkyo nja kukikkiriza. Nja kutwala Baibuli ne Katonda, olw'ekyo ky'Awandiise ne ky'Ali, sinsonga kiki omulala yenna ky'ayogedde.“ Waliwo Luusi owannamaddala.

Yakola okusalawo kwe. Ku bibiri yalinako kimu okuddayo emabega oba okugenda mu maaso. Naffe tuyimiridde ku kusalawo kwe kumu, enkya ya leero, okuddayo emabega oba okugenda mu maaso.

Toddangayo mabega. Leka tugende mu maaso.

Ne bagenda mu nsi ensuubize, okutuuka mu nsi ey'abantu abagenyi.

40 Luusi, ekifaananyi ky'omukkiriza kaakano. Kiki? Omukkiriza kye kiki? Omukazi oba omusajja bw'afulumayo, okuva mu nsi, ayingira mu bakkiriza Abakristaayo. Omukazi eyateranga okufuuweeta, okuywa, n'okuzannya amatatu mu bifo by'abantu abangi, n'ebirala, era ng'alina buli kika kya bintu ebiwundewunde, ng'ali nga “ekinyonyi ekinnyogoze” naye kaakano yakyusibwa. Yakola okusalawo okugenda ne Katonda. Kaakati ajja mu bantu abatakkiriza bintu ebyo. Aba mugwira. Alina okutambula ng'omutambuze. Tamanyi bulombolombo bwabwe. Mu byonna mugwira, gy'ali. Tamanyi na kyakukola. Ky'ekyo Luusi kye yalina okukola. Ky'ekyo ky'olina okukola. Ky'ekyo kye nnina okukola.

Bwe nnakkiriza Kristo, nnagobebwa mu maka gange. Bwe nnakkiriza Kristo, mukwano gwange omulenzi, omuwala, buli omu, yansuulawo. Yagenda n'ekibinja kya bannamukadde abaalina Omwoyo Omutukuvu nga bakkiririza mu Katonda, nga gwe baweereza. Abawala, baali wansi eyo mu kkanisa eyo, baali banjawulo ku bawala be nnali ntambula nabo. Baalabikanga banjawulo. Beeyisa mu ngeri yanjawulo. Baali banjawulo, era nnali mbatidde. Baali bantu ab'enjawulo.

41 Ky'ekyo Luusi kye yalina okukola. Yalina okuva mu babe ye, okudda eri abantu abalala. Yakyusibwa. Yakola okusalawo kwe. Era naawe bw'okola okusalawo. Olina okutwala eky'okusalawo kwo. Oyagala kuddayo mu bintu by'ensi, oba oyagala kugenda na Katonda?

Oyagala okweyisa ng'ensi n'abalala ku bo? Awo nywegera Kristo era nti, “weeraba” weddireyo. Naye bw'oyagala okutwala ekkubo ly'abanyomebwa abatono aba Mukama, nyweza omukono gwa Katonda ogutakyuka. Nga tofuddeeyo ku balala kye bagamba, ggwe weenywereza awo. “Katonda bwe Yagamba. Ge mazima. Ngakkiriza, newankubadde nga sisobola kugooleka mu bulamu bwange. Katonda bwe Yayogera. Ngakkiriza. Wano wenyeredde.

Bw'atyo bwe yakola Nawomi. Anti “Ssijja kukuleka. Nja kugenda gy'ogenda. Abantu bo be banaabeera abange. Engeri gye beeyisaamu, y'eyo engeri gye nja okweyisaamu. Engeri gye bakolamu, gye nja okukolamu. Kye banaalyanga, kye nnalyanga. Gy'onoofiira, gye nnaafiira. Gy'onooziikibwa, gye nnaaziikibwa. Era Mukama Ankole ekisingawo singa nnemererwa awantu wonna.” Okwo kusalawo ddala okulungi. Katonda Ayagala okusalawo okulungi ddala okuva mu Kkanisa Ye.

42 “Kale, Mukama, Singa Onoompa buwi omukisa n'onkolera ne kino, nja kukola kino ne kiri.” Okwo si kusalawo.

“Katonda, sifaayo kiki ky'Onkozesa, nja kugenda mu buli ngeri. Bwe nfa, tekirina buzibu. Okuba omulamu oba okufa, kyonna kyonna! Oba bansekerera, ne banjerega, tekikolawo njawulo yonna, nja kugenda mu buli ngeri.” Okwo kusalawo kulungi ddala, nga Labbeeka kwe yakola nga tannaba na kulaba Isaaka.

Bazadde be baagamba nti, “Leka omuwala ayanukule. Omuwala, akuze, leka ayanukule.”

N'agamba nti, “Nja kugenda.” Okusalawo okulungi ddala, okukoleddwa amangu ddala. Yakinywererako. Ky'ekyo Luusi kye yakola. Olupa yaddayo emabega.

43 Ne beeyongera okutambula okugenda mu maaso. Luusi, mu mutima gwe, nga tamanyi wa gye yali alaga, wabula ekifaananyi ky'Ekkanisa. Tutambula, nga Ibulayimu. Abatambuze mu nsi engwira, mu bantu abagwira. Era n'agenda mu maaso, oluvannyuma ennyo n'ajja mu kisenge era mu kifo eyo Nawomi gye yali amuleeta. Era kiki kye yasanga? Buli omu ng'amukubaakuba mu mugongo nga bw'amugamba nti “Luusi tusanyuse okuba naawe wansi wano”? Yasanga obutakkaanya. Yasanga ekintu eky'obubi. Yasanga obuzibu.

N'ababuulizi abanaababuulira ekyo nti, “Obu-obulamu bw'Ekikristaayo kintu ekyangu ennyo,” ku bibiri abaako na kimu, akulimba oba takkirizanga bumanyirivu obwo ye mwennyini. Ensi ejja kukukyawa. N'abantu bonna bajja kukukyawa. Olina okukwata ekkubo ery'abo aba Mukama abatono abanyoomebwa, osekererwe, ojeregebwe, oba ekintu kyonna ekirala. Olina okuba wa njawulo. Oli nzaalwa wa mu Ggwanga ddala.

44 Mukyala wange…nga bwe nna-nnaakinokola nate; kirabika bulungi okukikola. Yambuuza nti, “Lwaki

abakazi Abakristaayo tebambala ngoye ezo ng'abakazi abo abalala bwe bakola?" Ne ŋŋamba…nti, "Ffenna tuli Bamerika si bwekiri?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo."

"Kale, tuli ki?"

Ne ŋŋamba nti, "Tetuli ba Bagirimaani, Bafalansa, Ba mu Bubirigi, Abaswiss, Abafirika oba Abamerica, oba abalala ku bo."

"Naye tuli ki?"

Ne ŋŋamba nti, "Tuli Bakristaayo." Abamerica bakola nga Bamerika, Abagirimaani bakola nga Bagirimaani, kubanga ogwo gwe mwoyo gwabwe ogw'eggwanga. Naffe tulina omwoyo gw'eggwanga. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu ava ewa Katonda, okuva mu Ggulu, n'okola bw'otya. Akuleetera okweyisa nga bwe bakola Waggulu Eyo, kubanga oli wa nsi ndala.

Tubeera mu America, ekyo kituufu. Ekyo ky'ekitundu ky'omubiri. Wabula emmeeme etukulembera, oba enneeyisa yaffe, eva Waggulu. Tubeera Waggulu kubanga twazaalibwa kuva Waggulu. Abakristaayo bonna bava Waggulu. Yesu yagamba nti, "Siva wansi. Nva Waggulu. Singa nnazaalibwa wansi, Abantu Bange bandinnwanidde Nze. Wabula Obwakabaka Bwange bwa Waggulu." Bw'atyo bwali buli muntu azaalibwa Obwakabaka bwa Katonda, aba ava Waggulu.

45 Kaakati, nga kaakano weetegereza. Nga bwe tugenda mu maaso, tubasanga nga batuuka mu kuyiibwa. Weewo we watuuka, bwe wafuna Omwoyo Omutukuvu? Mazima bwe kyali. We nnatuuka. Okujeregebwa, na buli kintu.

Awo nno weetegereze, obulamu bwali bukalubo gy'ali. Era bukaluba oluvannyuma ng'ofuuse Omukristaayo. Kubanga olina okwesalako obulamu obumu, obw'amasanyu n'ebiduula by'ensi, eri obulamu obulala, obw'okweyawula eri Katonda. Olina okubaako bye weesalako, okuyingira oluuyi luno.

46 Ne Luusi yalina okwesala ku kuva mu kubeera mu nsi eyo awali eby'okulya ebingi, na buli kimu eky'okuweebwa ekitiibwa, okutuuka eri abantu abaali baseka, nga bamujerega, okuyingira mu nsi gye yalonderera mu nnimiro olw'ekyokulya. N'abiteeka mu kagoye ke akookwebikkirira mu bulago asobole okukitwala ewaka. N'akikubaakuba okusobola okukolamu omugaati, era ye ne nnyazaala we basobole okulya.

Bwe yali eyo, bajja okukizuula, bwe yali ng'alonderera, oba bwe yali agenda okulonderera…Kaakati, yakola okusalawo kwe. Okwo kwe kwali okusalawo kwe.

Kaakati, ekintu ekyaddako kye yalina okukola kwe kuweereza.

Ekyo Ekkanisa ky'erina okukola. Ekkanisa, oluvannyuma lw'okukola okusalawo kwammwe, mulina okuweereza. Okuweereza Katonda okusinziira ku kifaananyi Kye, okusinziira ku nteekateeka Ye. Oteekeddwa okuweereza Katonda.

47 Luusi, ng'akola okusalawo. Kaakati, Luusi, ng'aweereza wansi w'okusalawo kwe. Kaakati weetegerezeemu kko akadakiika. Kaakano agenda mu nnimiro, okulonderera.

Kale, nnyanzaala we n'amugamba; nga y'Endagaano Enkadde ng'egamba Empya, nga bwe mumanyi. Nnyazaala we yamugamba nti tulina omununuzi w'omu lulyo, n'erinnya lye ye Bowaazi. Musajja mugagga. Era munuzi wa mu lulyo ow'okumumwanjo. Olina okugenda mu nnimiro ye. Era oboolyawo…Togenda mu nnimiro ndala; genda mu nnimiro ye."

Engeri Omwoyo Omutukuvu gy'Atugamba obutawabira mu kiringa ekitabo ky'ekkanisa, ekiringa katikisimu, wabula okugenda mu Nnimiro ya Katonda, Endagaano Enkadde, Baibuli. Togamba nti, "Kale, tujja kwogera kino. Ne kino nga tusaba. Tujja kuba na kino." Sigala butereevu mu Nnimiro. Genda butereevu mu yo, kubanga Ye Mununuzi owomu lulyo ow'oku mwanjo.

48 Ekigambo kya Katonda, Endagaano Enkadde, ye Mununuzi womu lulyo ow'oku mwanjo eri Endagaano Empya. Ekkanisa Enkadde ye maama eri Ekkanisa Empya, mulaba, Omukristaayo, omukkiriza. "Togenda mu nnimiro ndala. Sigala butereevu mu nnimiro ye. Era oboolyawo, olumu, oyinza okulaba ekisa okuva gy'ali."

N'olumu, bwe yali mu nnimiro, omusajja omuto ono nnaggagga, erinnya lye nga ye Bowaazi, omukulembeze, omusajja omugagga, yajja, n'amulaba. Oh, bwe yamulaba, n'agwa mu mukwano naye. Yalowooza nti yali mukazi wakitalo. N'ayagala empisa ze. Mujjukira, n'agamba nti, "Mmanyi, era abantu bakimanyi, nti oli mukazi mulongoofu." Luusi n'akola okusalawo kwe, nga kulungi ddala. N'akomerawo ddala, n'abeerera ddala ekyo kye yagamba ky'ajja okukola.

49 Mu ngeri endala, leero, bagamba nti, "Tukimanyi nti oli Mukristaayo. Tukimanyi nti oli musajja wa Katonda, kubanga tewali muntu asobola kukola byamagero bino okuggyako nga Katonda Ali naye.

Ky'ekyo Nikodemo kye yayogera eri Yesu nti, "Omuyigiriza, tukimanyi nti Oli musomesa Eyava ewa Katonda. Tewali muntu asobola kukola bintu bino by'Okola okuggyako nga Katonda Ali naye." Awo, ng'amulaba Ye ng'atudde awo n'Akebera ebirowoozo byennyini eby'emitima gyabwe.

Omukazi yamukwatako ku kyambalo Kye. N'Akyuka, n'Agamba nti, "Ani Ankutteko?" Bonna ne bakyegaana. N'Atunula emabega mu kibiina n'Agamba nti, "Ggwe, alina ekizibu ky'omusaayi awo, okukkiriza kwo kukuwonyezza."

N'agamba nti, "Tewali muntu asobola kukikola ekyo okuggyako Katonda ng'Ali naye. Tukimanyi Ova eri Katonda. Tetusobola kukukkiriza kubanga tujja kugobebwa okuva mu kkanisa." Mulaba? Ogwo omuzabbibu ogwayungibwako, Ow'oluganda West, nga bwe twabadde twogera ekiro ekyayise, bajja kukugobera ebweru. Naye, wansi mu mitima gyaffe, tukimanyi ova ku Muzabbibu Nnakabala." Kristo ye Muzabbibu; ffe tuli matabi. "Tukimanyi, kubanga tulaba Obulamu bwe bumu obuli mu Katonda, bwe buli mu Ggwe."

Ky'ekyo Bowaazi kye yali alabye mu Luusi, okwo okusalawo okulungi ddala, omukazi omulongoofu ayimiridde awo. Bowaazi n'agwa mu mukwano naye.

50 Kaakano, njagala mwetegereze. Nawomi, ekkanisa enkadde, yatandika okunnyonnyola Luusi amateeka gonna agakwata ku ddiini ye, nga Endagaano Enkadde bw'eri ekisiikirize ky'Empya. Kaakano, njagala emboozi eno wano mugifune bulungi.

Kaakati, njagala kulaga bisiikirize. Endagaano Enkadde ennyonnyola Empya, singa onookisoma busomi, ky'ekisiikirize ky'Endagaano Empya. Kaakano, singa mbadde njolekera ekisenge ekyo, nga mbadde sseerabanga nze mwennyini, ne ndaba ekisiikirize kyange, nnanditegedde, nnandibaddeko kyenfuna ku kiki kyenfaanana. Era bw'obeera (ggwe) nga tomanyi kiki Endagaano Empya ky'eri, soma Endagaano Enkadde awo ojja kulaba ekisiikirize kyayo. Mulaba? Era awo nno Endagaano Empya bw'eyingirawo, mugamba nti, "Lwaki, mazima, ky'ekino." Ekitabo ky'Abaebbulaniya, nga kiddayo, Pawulo ng'akinnyonnyola.

51 Kaakati, weetegereze bulungi. Luusi bwe yagamba, oba…Nawomi yagamba Luusi, nti, "Kaakati, ye mununuzi waffe owomu lulyo. Era singa osobola okulaba ekisa gy'ali, ojja kuzuula ekiwummulo." Oh, abange! "Bw'onaalaba ekisa, ojja kuzuula ekiwmmulo." Bowaazi yakiikirira Kristo, omusajja Nnaggagga, omusika w'ebintu byonna, Mukama w'amakungula. Oh, abange! Engeri, awo Bowaazi bwe yajja ng'avuga eyo, mu kigaali ekyo, ng'atunulatunula mu malimiro, n'amaaso ge ne gagwa ku Luusi. Ye yali Nnannyini nnimiro. Ye yali mukama w'amakungula. Era Luusi n'alaba ekisa mu maaso ge.

Ky'ekyo Ekkanisa ky'ekola, leero. Nga Mukama w'amakungula Ayitaayita, Ye Tatunuulira bizimbe binene, obusolya obunene, zi kkwaya ezitendekeddwa obulungi. Atunuulira bantu ssekinnoomu, abasajja n'abakazi abeewaddeyo era abasazeewo ku lwa Kristo, abeeyawudde bo bennyini okumuweereza Ye. "Katonda, nkikkiriza, buli Kigambo. Ekigambo Kyo bwe kyogera ekintu kyonna, nsigalira ddala nakyo. Ekyo ky'Ekigambo Kyo. Nkikkiriza, buli Kigambo." Ky'ekyo ky'Atunuulidde; Mukama ow'Amakungula. Ekyo ky'Ayagala okuwa, Omwoyo Omutukuvu, eri abo abalumwa enjala era abalumwa ennyonta. "Baweereddwa omukisa abo abalumwa enjala n'ennyonta, kubanga balikkusibwa." Agezaako kuzuula Ekkanisa eyo, leero.

52 Kaakati, awo, Luusi yasabibwa okubaako ky'akola ekyali kikwasa ensonyi, wabula yali mumalirivu kubanga yali akoze okusalawo kwe. Nga kifaananyi kyamukkiriza! Nga kifaananyi kirungi!

Nawomi, ekkanisa enkadde, yagamba nti, "Serengeta, ekiro kya leero. Biro bya ssayiri." Oh, nga kirowoozo kirungi kye tuyinza okwesigamako awo!

Nawomi ne Luusi bajja mu biro bya ssayiri. Ebiro bya ssayiri by'ebiro by'omugaati, ebiro awo omugaati ogwakakolebwa mwe gwagabibwanga. N'Ekkanisa, mu nnaku ez'oluvannyuma zino, okuyita mu mwaka enkumi bbiri egy'enjigiriza ezeekikaafiiri n'ebintu, ng'ezze mu biro bya ssayiri, obuggya obw'Obulamu, Omugaati omupya, omubisi gw'enjuki okuva mu Ggulu. (Russell, yogera ku mubisi- ogusiigiddwa ku ngulu ku mugaati!) Ky'ekino, Omugaati, Omugaati oguva mu Ggulu. "Nze Mugaati gw'Obulamu. Ba kitammwe baalya emmaanu, ne bafa. Wabula Nze Mugaati ogw'Obulamu oguva ewa Katonda, mu Ggulu. Omuntu yenna bw'alya Omugaati guno talifa." N'Ekkanisa mu nnaku zino ez'oluvannyuma, ereeteddwa munda, kaakati, mu biro bya ssayiri.

Luusi, ow'Amawanga, eyagobebwa, n'adduka, aleeteddwa munda, okukkirizibwa ng'Omugole. Kristo Ajjira, mu biro bya ssayiri.

53 Yagamba nti, "Kaakati yambala ebyambalo byo." (Si, "Weeyambule ebyambalo byo.") Nga kikontana leero! "Yambala ebyambalo byo, ng'ogenda okumusisinkana. Agenda kuwewa ssayiri, ekiro kya leero. Serengeta wansi oyambale ebyambalo byo. Weebikkeko, okumusisinkana."

Olwa leero, baagala kweyambula. Weebikkekko. "Serengeta wansi, kubanga ali mu kuwewa ssayiri. Era olambe ekifo w'anaagalamira." Mwakikola? E Gologoosa. Emyaka mingi egiyise, nnalamba mu mutima

gwange awo we yagalamiza obulamu Bwe, Asobole okuntwala. Lamba ekifo w'Agalamira. Weetegereze wa we Yeebaka. Ekyo buli mukkiriza ky'ateekeddwa okukola. Lamba kye Yakukolera. Bwe Bubaka bwa Ssande ewedde, ku Olukyala e Kalivaaliyo, lamba kye Yakukolera.

54 Nawomi yagamba nti, "Lamba w'anaagalamira. Awo bw'anaagalamira okwebaka, okuwummula, genda weebake ku bigere bye." Si ku mutwe; ku bigere bye, atasaanidde. "Ofune bulangiti' [Ow'oluganda Branham akubaakuba ku Baibuli ye -Omuk.] "eyo gy'abadde yeebisse, ogisike okukutuukako." Oh! Mukiraba? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."] Oh, abange! Mmanyi muyinza okulowooza nti ndi muzoole. Wabula ekyo kinkolera bulungi, oyo Omwoyo wa Katonda. Lamba we Yagalamira, Kalivaaliyo; we Yagalamira mu ntaana; mu Gesesumaane. Lamba, era weewalule okutuuka ku Bigere Bye. Galamira awo ofe, gwe kennyini, eri…Kiikyo awo. Weebikke, awo, n'ekyambalo Kye. N'agamba nti, "Ekyambalo kye," bwe yagiyita.

Luusi n'agamba nti, "Ky'oyogera, nja kukikola."

Oh, nga kusalawo kulungi eri omukkiriza! "Baibuli ky'egamba, ekyo nja kukikola. Egamba nti, 'Mwenenye mubatizibwe, Erinnya lya Yesu Kristo,' Nja kukikola. Bw'egamba nti, 'Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri,' Nja kukikola. Bw'egamba, kyonna kyeyayogera nti, 'Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe.' Ky'eŋŋamba okukola, nja kukikola." Mulaba, Ekkanisa etwala ebiragiro byayo okuva ku Kigambo. N'agalamira wansi.

55 Kaakati, mujjukire, ekyo kyali kyansonyi omukazi oyo nnamwandu okubeera ng'agalamidde ku luuyi lw'omusajja ono, ku bigere bye. Eky'ensonyi, eri ensi ey'ebweru.

Oh, osobola okukigumira? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Kiikino wano. Mulabe. Mulabeeyo. Kiikino. Ekkanisa, omukazi omuto, omuvubuka omuto, omukadde oba omuto, asabibwa okweyawula okuva eri ensi, ajje mu kifo kino, Obwa Kabaka bw'Omwoyo Omutukuvu, ekyo nga kya nsonyi eri ensi. Mu mitima gyabwe bo bakimanyi kye kikwatako. Wabula, eri ensi, bafuuka bazoole. Bafuuka bamutukuvu yeevulunga oba ekintu ekimu ku kirowoozo ekyo, erinnya erimu ery'ensonyi. Wabula Ekkanisa esabibwa okukikola. Oli mwetegefu okulamba ekifo, era ogalamire wansi? ["Amiina."] Ensi k'ekuyite ekintu kyonna kye baagala okukuyita.

Oluyimba olukadde, lwateranga okuyimbibwa:

> Ntandise okutambula ne Yesu Yekka, mulaba,
> Eky'okwezazika, nga Yakobo, libe ejjinja;
> Era nja kukwata ekkubo n'aba Mukama abatono abanyoomebwa;
> Ntandikidde mu Yesu. Era ŋŋenda kuyitamu.

56 Ky'ekyo. Sifaayo, nja kusasula omuwendo ng'abala bwe bakola. Bwe kibea nga kitegeeza kuswazibwa, bwe kiba nga kitegeeza okufiirwa amaka, okufiirwa-okufiirwa famire, b'okwatagana nabo bonna, mikwano gyo abawala, mikwano gyo abalenzi, kyonna kye kitegeeza, nja kugenda nzekka. Nja kukwata ekkubo. Oba muliraanwa wange agamba nti ndi "omutukuvu eyeevulunga, Omupentekoote, oba omuzoole," Sifaayo ku kiki kye bakola. Tekikola njawulo yonna gyendi. Ntandise. Nkoze bulungi okusalawo kwange, era ŋŋenda mu maaso.

57 Kaakati, ye yekka eyali asobola okumuwa ekiwummulo, okuva mu nnimiro ezikooya ez'okulonderera. Oh, nga kyali kiwoomu nnyo awo, Bowaazi, bwe yamusanga mu nnimiro. Kino siyinza kukisubwa. Bowaazi yamusanga eyo mu nnimiro. N'agamba nti, "Labayo." N'agamba nti, "Ggwe ani?" N'agamba nti, "Erinnya lyange nze Luusi." "Oh, Omumowaabu eyazze okutambula naffe." "Yee."

"Nkuwuliddeko. Togenda mu malimiro Malala. Ah! Ekyo nkyagala. Totandiikiriza okwanguyiriza. Sigalira ddala wano mu yange." Sigala n'eyange." Yamwagala. "Sigala wano. Sigala nange. Todda eno n'eri. Sigala wano."

Bw'okkiriza Obubaka, bunywerereko. Mulaba? Omuwendo ne bwe guba gutya, sigalira ddala nabwo. Gendera ddala mu maaso. "Bwe kiba kitegeeza, kusaddaaka kino, ekyo, oba ekirala. Era nnina okuleka okunywa kwange, nnina okuleka okubba kwange, okulimba. Ŋŋenda kusigalira ddala nabwo." Mulaba?

58 Nate ne kigamba, n'agamba nti, "Kaakano, tebagenda kukuteganya, kubanga ndagidde abavubuka obutakusosonkereza." Amiina. Ekyo nkyagala, obukuumi bwe. Ekyo ani yakyogera? Mukama w'amakungula.

Weegendereze. "Tokwata ku yafukibwako amafuta Wange. Bannabbi Bange temubalumya yadde." Bwe kiri ekyo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] "Kuba ddala, mbagamba, kisingako okusibibwa olubengo mu bulago, n'okuusuulibwa wansi mu nnyanja, olw'okunyiiza asembayo ku bano, abato Bange." Bwe kiri? [Amiina."] Temubanyiiza na kubanyiiza." Mbalagidde obutakukwatako." Oh, tunuulira ensi eyo! Bawaabi ba misango. Balina essaawa yaabwe ejja.

59 Awo n'agenda eri abavubuka, abalala. N'agamba nti, "Kaakati, alonderera kubeezaawo bulamu. Kale,

njagala mmwe abakunguzi…mmwe bamalayika," mu ngeri endala. Ky'ekyo kye bali. N'agamba nti, "Njagala mmwe bamalayika, mmwe abakunguzi, olw'olumu, mumusuulireyo kko ku miganda, nga mukigenderedde." Oh! "Temukiganya kumukooya nnyo. Wabula olw'olumu, ka awulire obubaka Obulungi. Ka amaanyi amalungi og'Omwoyo Omutukuviu gamubikkeko, olw'olumu, okumuganya okumanya nti Nkyaliyo. Baako okuwonyezebwa kw'okola gy'Ali. Baako akabonero akamu obe ekyewuunyisa ky'olaga, Asobole okumanya nti Ndi mu masekkati ge." Ky'ekyo.

Toyagala kusanga mbatu ezo ezijjudde? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Olubatu olujjudde ssayiri eyakakungulwa. Mukama Akola kye Yateranga okukola. Ekintu kye tumayi ky'Akola. Ye Mukama w'Amakungula. Ye yekka asobola okusuula emiganda. "Ndagira Bamalayika okuserengeta wansi mu lukuŋŋaana olwo enkya ya leero. Njagala babeeko kye bakola, Mbalagidde, era Bajja kukikola." Oh, abange.

60 Kaakati, wano, yalina okutwala ekitundu eky'ensonyi, okugalamira wansi, okuyitibwa ekintu kyonna kye yayagala ayitibwe. Ng'ayinza okuyitibwa malaaya, nga bwe mumanyi, Ng'ayinza okuyitibwa omukazi ataliimu nsa, so nga si bwe yali. Era yali agoberera ddala amateeka agaamuweereddwa. Bwe kityo n'aserengeta ne yeebikkako, n'ekyokwebikka oyo kye yalina. Yandigenze wa? Ku malaalo. Wa gye yandigenze? Eyo oyo gye yali awummulidde.

Eyo gye nnakisanga.

Wansi ku musaalaba eyo Omulokozi wange gye yafiira
Wansi eyo gya nnakaabira okulongoosebwa okuva mu kibi,
Eyo ku mutima gwange Omusaayi gwateekebwako.
Waaliyo Ensulo ejjudde Omusaayi Eva mu misuwa gya Emanweri;
Eyo aboonoonyi, gye bennyika wekulukutira,
Ne basumululwa okuva mu mabala g'okusingibwa omusango

61 Lamba ekifo awo we Yagalamira, ogalamire awo Naye. Weetegese okugenda e Kalivaaliyo, enkya ya leero, nga bwe nnagambye Ssande ewedde? Olambye ekifo mu bulamu bwo? Weereese mu kifo ekyo awo Yesu we Yakomererwa?

'Oh, ekyo tukisiima." Naye ate okukomererwa kwo? Oli mwetegefu okukwata ekkubo n'erinnya eriswaza, ng'okubeera mutukuvu yeevulungula, munnaddiini omuzoole, oba ekintu kyonna, kyonna omuwendo kye guli.

Ekifo okirambye, osobole okugendayo ogalamire wansi Naye, ogamba nti, "Mukama, nzuuno"? Olwo kiki? Sika ekibikka ky'ekimu ekyamuliko Ye, kidde ku ggwe.

62 Omukazi olumu yagamba Mukama waffe nti, "Mukama, kkiriza batabani bange ababiri, nti omu ajja kutuula ku mukono gwo ogwa ddyo, n'omulala ku gwa kkono, mu Bwakabaka."

N'Agamba nti, "Musobola okunywa ku kikompe kye nnywako nze? Okwo kwe kuyiganyizibwa okukambwe. "Yee."

"Era musobola okubatizibwa n'okubatizibwa kwe Mbatizibwamu?" N'agalamira, n'asika eky'okwebikka ky'ekimu okwebikka.

Eriya yatwalibwa waggulu. Ne Eriya n'asuula eky'ambalo ky'ekimu kye yalina, okubikka Erisa n'omugabo ogw'emirundi ebiri ogw'Omwoyo we. Ekintu ky'ekimu, omugabo egw'emirundi ebiri.

Amaanyi ge gamu; si amangi ennyo. Si amangi ennyo, si ekisingawo; wabula omugabo gwago ogw'emirundi ebiri.

63 Nga Musa, bwe yagezesebwa, ssezaala we yamugamba, nti, "Oli mu kwekooya. Saba Katonda Atwale Omwoyo wo Amuteeke ku balala." N'asaba.

N'Akwata Omwoyo n'Amuteeka ku balala nsanvu era nsanvu ne batandika okulagula. Tebaalina maanyi Malala. Baalina bakozi bangi. Ky'ekyo. Ekintu ky'ekimu, baalina abakola bangi.

Bwe kityo bwe kiri, olwa leero. Omuntu omu tasobola kukikola. Katonda Alina abakozi be abakola buli wamu, wabula amaanyi ge gamu; amaanyi ge gamu, Omwoyo Omutukuvu y'omu, Yesu y'Omu.

64 Kaakati, yatwala bulangiti, Omwoyo Omutukuvu, bwe yafa eri ye mwennyini. N'alamba ekifo we yafiira, we yagalamira okuwummula. Awo n'agalamira wansi, n'atwala bulangiti eyali ebisse oyo n'agisika okugyezzaako. Omusajja n'azuukuka, n'agamba nti, "Ani ali awo?" Omusajja n'agamba…Luusi n'agamba nti, "Nze Luusi, Omumowaabu, omuzaana wo."

Omusajja n'ayimuka. N'agamba nti, "Nkitegeera era nkimanyi nti oli mukazi mulongoofu." Amiina. Oh! Ekyo tekisindika okukankana okutonotono mu mmeeme yo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] "Oli mukazi mulongoofu."

65 Era kiki omukazi kye yaddamu? "Naye ggwe oli mununuzi wamu lulyo owookumwanjo." Amiina. "Ggwe oli mununuzi wamu lulyo owookumwanjo. Osobola okukinkolera. Osobola okumpummuza. Nzize ne ngalamira wano, si ng'omukazi omugwenyufu. Ngalamidde wano, si kweraga; okulaga abantu nti nsobola n'ennimi, okulaga abantu nti nsobola okuzinira mu Mwoyo, n'okulaga abantu nti nsobola okuleekaana. Wabula nzize wano kubanga ggwe mununuzi womu lulyo owookulusengere. Si kulaga nti nsobola okubaako ekinene kye nkola; naye oli. Waluganda Nzize kubanga oli mununuzi wamu lulyo owookulusengere, era ggwe wekka asobola okunnunula."

Mulaba endowooza eya-ey'eyakyusibwa okudda eri Kristo, eri Ekkanisa? Mulaba? Mulaba? "Ggwe mununuzi wange owomu lulyo owookulusegere."

N'agamba nti, "Oli mukazi mulongoofu. Era nze mununuzi wo ow'omu lulyo ow'okulusegere. Kaakati, weebike. Galamira okutuusa nga bukedde." Whew! "Weebikke bwebissi mu bulangiti. Nze waluganda lwo. Galamira awo okutuusa nga bukedde, wummula." Amiina. Amiina. "Nze mununuzi wo ow'omu lulyo ow'okulusegere. Wummula! Amiina

66 Amakya bwe gatuuka, nga tebunnasaasaana, n'akuŋŋaanya ettu eddene erya ssayiri, ebipimo mukaaga, nzikiriza bwe kyali, n'akiteeka mu kitambaala kye kye yeebikkirira n'agenda ewaka. Era-era Nawomi n'agamba nti, "Muwala wange."

Oluvannyuma ng'oyimuse okuva ku woolutaali, n'oddayo. "Kaakati kiki ekigenda okutuukawo, maama? Kiki ekigenda okutuukawo?" Amiina.

"Wummula." Amiina. "Wummula, Luusi, kubanga omusajja tajja kuwummula okutuusa ng'amaze okusasula omuwendo omujjuvu ogw'obununuzi." Amiina. Amiina. Awo wennyini we nnyimiridde. Amiina. Tajja kuwummula okutuusa ng'Amaze okusasula omuwendo omujjuvu ogw'obununuzi, okukununula, na buli kimu kye wali ofiiriddwa, na buli kimu kye wali.

67 Kaakati mujjukire etteeka lw'obununuzi, nga bwe tujja eri okumaliririza, ku nkomerero y'okuŋŋaana. Etteeka lyonna ery'obununuzi lye lino, nti, omusajja nga tannanunula ekintu ekyabula, yalinanga okubeera omununuzi womu lulyo ow'okulusegere. N'ekiddako, yalina okuba omusajja omulambulukufu, omusajja omwenkanya, okukikola. Era awo yalina okuba ne ssente ezimala, okukikola. Era awo yalina okulangiriranga mu lujjudde nti yali akikoze. Era okuva olwo n'okugenda mu maaso, kyalinga kintu kye.

Kale nno labayo. Bowaazi yakiikirira Kristo, Kaakati, Luusi yakiikirira Ekkanisa, mmwe, abakkiriza. Era kaakati, Katonda, mu Ndagaano Enkadde, engeri yokka gye Yali Ayinza okujjamu okununula ekyali kyabula, Katonda Yalina okujja Abeere waluganda eri omuntu. Era engeri yokka Katonda gye yasobola okufuukamu ow'oluganda eri omuntu, kwali kufuuka omu ku bo. Amiina.

68 Njawukanamu ne Billy Granham, ku bantu abasatu ab'enjawulo abali mu Bulamba bwa Katonda, oba omusomesa yenna omulala ow'obusatu, ku ekyo. Nzikiriza mu busatu, mazima, naye si mu ngeri eyo, bo okuba nga bali basatu. Bali Omu. Eyo y'emboozi awo, yokka, terina kintu kirala wabula ekyo, eyinza okukikakasa.

Katonda Yafuuka omuntu. Yalina okufuuka ow'oluganda Era Yali Tayinza kuba Katonda, ffe nga tuli boonoonyi, ebitonde by'Obutonde bwe, ebiramu ebyatondebwa eby'obutonde Bwe, kubanga tetwayinza kuba baluganda awo. Bwe kityo, Katonda Yafuuka omuntu, kibe nti omuntu asobole okufuuka Katonda, afuukemu Katonda. Amiina.

69 Ffe, ng'abantu, aboonoonyi, Katonda Yafuuka omwonoonyi, n'Atwala ebibi byaffe ku Ye. Nga Tamanyi kibi kyonna, so ng'ate Yali mwonoonyi kubanga ebibi byaffe byateekebwa ku Ye. Tusobole oku…Afuuke nze, nze nsobole okufuuka Ye. Mulaba? Yafuuka omwonoonyi, nsobole okufuuka omwana wa Katonda. Yafuuka omwonoonyi, osobole okufuuka omwana wa Katonda. Era kaakati tuli batabani na bawala ba Katonda, kubanga Katonda Yafuulibwa waluganda bwe Yayambala ekikula ky'omubiri, bwe Yazaalibwa omukazi. Katonda! Si muntu mulala; Katonda, Ye mmwenyini.

Timoseewo Ekisooka 3:16 egamba: …era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu; kuba Katonda yalabisibwa mu mubiri, …Katonda! Ku Lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo ye yali Katonda. Ne Kigambo n'afuulibwa omubiri,…

70 Ekigambo, nga kifuuliddwa omuntu, kyafuuka owomu lulyo. Yafuuka omuntu. Oh! Yafuuka okufa, nti okuyita mu kufa Kwe nsobole okufuuka…mbeere n'Obulamu. Yafuuka mwonoonyi, nti okuyita mu butuukirivu Bwe, nsobole okufuuka…okuba n'Obulamu Yafuuka mwavu, nti nze, okuyita mu bwavu Bwe, nsobole okugaggawazibwa. Yafuuka kye nnali, kibe nti nsobole, okuyita mu kisa Kye, okufuuka ky'Ali. Oh, abange! Awo, yogera ku maanyi ga Katonda! Kaakati, ky'ekyo kyennyini Ekyawandiikibwa. Era ekyo Ekyawandiikibwa kye kigamba.

Tusobole okuba…Kwagala ki, Kitaffe kw'Atufuseeko, nti ffe abaali aboonoonyi, abagwira, nga tuli wala ne Katonda, tusobole okusembezebwa okumpi eri Katonda, mu kyo tufuuke abatabani ne bawala ba

Katonda, si baddu. Ekkanisa y'Abamawanga si ya baddu. Nedda ssebo. Ekkanisa y'Abamawanga batabani na bawala. Muli batabani na bawala ba Katonda, abafunye Omwoyo Omutukuvu. Kaakati, singa obadde wa kibinja kya Olupa, n'okyuka okugenda? Wabula bwe mubeera nga muyiseewo mugenze mu maaso eri Omwoyo Omutukuvu, mufuuka batabani na bawala ba Katonda.

71 Kale nno, batabani ne bawala ba Katonda, ani alina amaanyi agasinga mu maaso ga Katonda? Malayika y'ani? Malayika ye muweereza. Bwe kiri? Baweereza Be. Ggwe oli kiki? Mutabani ne muwala We. Ani alina amaanyi agasinga mu Ggulu, awo, omwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa, oba Malayika omukulu ayimiridde ku luuyi Lwe olwa ddyo? Omwonoonyi, eyalokolebwa olw'ekisa, alina obuyinza bungi mu Ggulu okusinga Malayika omukulu eyayimirira ku luuyi Lwe, nga talina kibi, kuba ye mwana. Omwana alina obuyinza bungi okusinga omuweereza, mazima. Oh, twerabira kye tuli. Twerabira, ebiseera bingi, kiki ekyatufuula kye tuli. Oluvannyuma nga tufuuse kye tuli, awo ne twerabira engeri gye twatuukamu wano."Nga Katonda Ye Mwennyini…"

Oh, nga kwagala okw'omuwendo Kitaffe Kwe Yawa olulyo lwa Adamu olwagwa;
N'awaayo Omwana We omu yekka okubonaabona N'atununula olw'Ekisa Kye. Oh, nga tulikimanya tutya!
Ensozi ne zisaanuuka n'obwengula obuddugavu
Omulokozi wange Yakoteka omutwe Gwe n'Afa;
Eggigi eryayulika lyaggulawo ekkubo eri essanyu ly'Eggulu n'olunaku olutakoma.
Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde; Endala zonna gwe musenyu ogukulugguka.
Bwe ndowooza omusaalaba ogw'ekitalo Omulangira w'Ekitiibwa kwe Yafiira,
Ekibi kyange kyonna nkibala okubeera okufiirwa.

Ekyo kituufu. Omu yagamba: Nga Mulamu, Yanjagala; bwe yafa, Yandokola; Bwe yaziikibwa, Yatwala ebibi byange; Bwe Yazuukira, Yanzigyako omusango okuba ow'eddembe lubeerera: Olumu Ajja. Oh, lunaku lwa kitiibwa.

72 Gwe gubadde omulamwa gw'Ekkanisa. Y'engeri gy'ebadde erabamu ebintu. Gwe gubadde omutima gwayo. Ensi eno etotobanye n'Omusaayi gw'Omununuzi womu Lulyo ono, okununula olulyo lwa Adamu olwagwa.

Weetegereze, Wuuno, Omununuzi womu Lulyo. Kaakati, ekisooka, Yalina okuba omusajja asaanidde. Ani yali asaanidde ennyo okusinga Kristo, okusinga Yesu? Awo, ekirala, Yalina okuba ne ssente. Yalina okuba ng'Asobola okukikola. Ye Yali nnannyini Ggulu. Yakakasa nti Yakikola. Yayinzanga okutwala emigaati etaano n'ebyennyanja bibiri n'aliisa enkumi ttaano, ne bakuŋŋaanya ebisero by'obukunkumuka, oluvannyuma. Yayinzanga okujjulula amazzi okuva mu luzzi n'agafuulamu omwenge. Yayinzanga okuggya ekyennyanja mu nnyanja, n'aggya ebinusu mu kamwa kaakyo, ebya zzaabu. Amiina. Teyali…

Naye Yafuuka mwavu, nga talina kifo waakugalamiza mutwe Gwe. Yafuuka wa mu Lulyo. Si Owomu Lulyo eri abagagga; Owomu Lulyo eri abantu bonna. Yatwala ekifo ky'Omununuzi.

73 Awo kiki kye yalina okukola? Awo yalina okuwa okulangirira mu lujjudde. Amakya agaddako, Luusi yagamba…Oba, Nawomi yagamba nti, "Wummula, Luusi. Buli kimu kati kati kijja kuba bulungi, kubanga olabye ekisa mu maaso ge."

Katonda, ka nkole ekyo. Ka nzuule ekisa mu maaso Ge. Awo bwe bunaakya:

Akagombe ka Mukama bwe kalivuga, n'ekiseera wanaaba tewakyali,

Nga bukedde, Obutaggwaawo, obutangaavu obulungi;

Era awo abaalokolebwa ku nsi balikuŋŋaanira ku lubalama,

Nga bayita amannya emitala, nja kubaayo.

Kuwummula kaakano, nga tulinda obununuzi obujjuvu.

74 Weetegereze, nkirina, kyo kye nnyini, kaakano. "Nnatutte eka ekitambaala kye baazingirira-nga kijjudde ssayiri. Gye nnafunyeeyo eyo." N'akimuwa, n'empimibwa, nga ebigero mukaaga. Mukaaga, kyategeeza "emyaka akakaaga egy'okubeerawo kw'ensi." Olunaku lw'omuntu luli mukaaga. Omuntu yatondebwa ku lunaku lwa mukaaga. Waaliwo emyaka kakaaga ensi mwe yatonderwa, mu gw'akasanvu Katonda n'Awummula. Emyaka kakaaga Ekkanisa ejja kuba erafuubana n'ekibi, n'Amaanyi ga Katonda ag'emigaati gya ssayiri, awo bagende mu kino Ekiwummulo Ekitaggwaawo. Ddala. Ekiwummulo, mulindeeko. Ebigero mukaaga ebya ssayiri omulungi gwe yateeka munda omwo, okumutambuza okutuusa mu kiseera ky'obununuzi obujjuvu. Ndi musanyufu nnyo okukinyumirwa.

75 Kaakati, mangu ddala, ka tutuuke ku nkomerero yaakyo. Kaakati tusanga, kaakati nti, amakya agaddako, Luusi bwe yazuukuka, yali musanyufu, ng'alinda. N'omusajja n'ajja. Yaserengeta wansi.

Ekisooka yalina omununuzi womu lulyo omulala eyalina ddala eky'okusalawo ku mukazi. Nnina obudde okukifuna? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Kale, akadakiika katono, era tujja kufuna ekitundu kyakyo, mu buli ngeri.

Omulala oyo mu lugero, eyakulinako eky'okusalawo, yali setaani, kubanga wali oyonoonye. Era mu kusooka wali wuwe, kubanga wali, wali kintu kye. "Kubanga mwazaalibwa mu kibi, ne muwundibwa mu butali butuukirivu, ne mujja mu nsi nga mwogera bulimba." Nga tayinza kukinunula. Mulaba? Teyayinza kukinunula. N'olwekyo Kristo Yajja n'Afuulibwa omuntu, okuggyawo ebibi byaffe, okutununula. Mukiraba? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] N'omusajja omulala teyayinza kukikola. Setaani teyayinza kufiirira bibi, kubanga ye muwabya yennyini eyakola ekibi. Mulaba? Teyayinza. Yali ayinza okwonoona obusika bwe, omuntu omulala. Ne Setaani yali ayinza okwonoona obubwe, kubanga ye setaani. Yali tayinza kufuuka setaani mulala, okuggyawo setaani, setaani eyasooka. Yali tayinza kufuuka kibi, kubanga yali yamala dda okuba ekibi. Wabula, Kristo, olw'okuba Teyalina kibi, yafuuka ekibi. Atununule. Aleeruuya! Twanunulibwa. Twanunulibwa, kitegeeza nti, "okukomezebwawo." Twanunulibwa.

76 N'olwekyo amakya agaddako, awo yalina okulangirira mu lujjudde. Yaserengeta n'asisinkana omusajja ono ku wankaaki; mu maaso g'abakadde. Era kyalina kuba mu kifo kyomu lujjudde. N'amutunuulira mu maaso, N'agamba nti, "Osobola okumununula?" Kaakati, bw'aba nga yalina kusooka kununula Nawomi, okusobola okufuna Luusi; ne Kristo yalina kusooka kununula ekkanisa y'Abayudaaya, okusobola okufuna Omugole Ow'Amawanga. Yayingirawo ne Nawomi, ng'omugwira okuva mu ggwanga eddala, Omumowaabu, omukafiiri. Ky'ekyo kye twali, Abamawanga, abakaafiiri. Era mujjukire, yalina-yalina okufuna Nawomi. Era bwe yafuna Nawomi, yafuna byonna bwe yalina.

77 Mujjukire, Kristo bwe Yajja, Teyayogerako ku bya Kkanisa y'Abamawanga. Kyali, yagenda eri ababe Ye anti, "Yajja eri Ababe. Ababe ne batamusembeza." Bulijjo yabeeranga mu Babe. "Temugenda eri mu B'amawanga. Temugenda mu Samaliya, wabula mugende eri endiga za Israeri ezaabula. Era nga bwe mugenda, mubuulire Enjiri, muwonye abalwadde, muzuukize abafu, mugobe emizimu. Nga bwe mwaweebwa obuwa, nammwe muwe buwi." Bwe kiri ekyo? [ Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Yabatuma, kinnababirye. Musooke mugende…Era yalina okununula ekkanisa eyo. Era bwe yanunula ekkanisa eyo, Yafuna Omugole Ow'amawanga. Amiina. Okwo kwe kwali okulamuziganya mu kyo. Mulaba? Yafuna Omugole bwe Yanunula ekkanisa.

78 Kaakati, Bowaazi, yalina okukola eky'omu lujjudde… N'abuuza nti, "Osobola okumununula?" N'agamba nti, "Nedda."

Awo yalina okukola okulangirira mu lujjudde. Yaggyamu engatto ze, n'azimusuulako. N'agamba nti, "Kiikyo awo. Leka Israeri yonna ekimanye nti nnunudde Nawomi, era ne Luusi mmutwala." Amiina. "Luusi mmutwala okubeera Omugole wange." Yali ani? Mukama w'amakungula. Amiina. Wuuyo awo. "Nnanunula Nawomi, ne nfuna Luusi. Ne Luusi aliba omugole wange."

Kiki kye baagamba? "Ka abeere-abeere nga Leeya ne Lakeeri n'abo, akuze enkumi n'enkumi," era akikoze, bwe kiri, "eri Israeri. Leka abeere bw'atyo." Era, mulabeeyo, yakola ekigezo, okulangirira mu lujjudde.

79 Kiki Yesu kye yakola, okukikola? Yalangirira mu lujjudde. Setaani bwe yali tasobola kufiirira bibi kubanga yali mwonoonyi. Ye kitaawe w'ekibi. Wabula, Yesu, Oyo Atalina musango, Katonda w'Eggulu, Ataalina kufa, yakka wansi n'Alangirira mu lujjudde okuyita mu kufa, n'ayimusibwa wakati w'eggulu n'ensi. Okulangirira okwomu lujjudde; n'ayambulwamu engoye Ze, n'awanikibwa wakati w'eggulu n'ensi, mu buswavu. N'afa, nga mwonoonyi, okufa okwensonyi, okutununula. Okulangirira okwomu lujjudde! Amiina.

Kiki kye Yakola? Yeggyako Obutuukirivu Bwe Ye; Yeggyako ekitiibwa Kye. Yeggyako… "Nnina amaanyi. Nnandiyogedde ne Kitange, era butereevu yandisindikidde ebibinja by'Abamalayika amakumi abiri." Bandikyusizza ekiwenda kyonna. Malayika Omu yandikikoze. Yandiyise ebibinja amakumi abiri. Abo bandibadde Bamalayika ng'emitwalo ena. Kiki kye bandikoze? Yagamba nti, "Nnandiyogedde eri Kitange, butereevu, kaakano ekyo kituufu, Yandisindikidde ebibinja amakumi abiri. Ebibinja bya Bamalayika byandizze wano ne biwamba." Omu kiki kye yandikoze? Omu yandizikirizza ensi, mu katikitiki. Tunula butunuzi, Yalina enkumi n'enkumi abandizze. Mulaba? Wabula ekyo Yakileka. Yakissa ku bbali. Ekitiibwa Kye kyonna Yakiteeka eri, buli kimu n'Akissa ku mabbali, n'Afuuka omwonoonyi n'Afiirira ggwe nange.

80 Kaakati, nga mmaliriza, tuyinza okwogera kino, nga mmaliriza. Yakikola-ekyo yakikola. Awo n'atwala Luusi, n'amuwasa. N'azaala omutabani ayitibwa Obedi. Obedi ye yali taata wa Yese. Yese ye yali taata wa Dawudi, oyo eyali taata wa Kristo, amiina, taata wa Mukama Yesu.

Tokiraba? Okuyita mu butuukirivu obwo, okuyita mu kusalawo okulungi okwo, Yafuuka Omununuzi waffe ow.omu Lulyo. Katonda Yafuuka waluganda gye tuli, okukka wansi n'afuulibwa nga ffe, omuntu, alumwa enjala, alumwa ennyonta. "Nnumwa ennyonta. Mumpe eky'okunywa." Ne bateeka omwenge omukaatuufu mu kamwa Ke, ekinyiiza. Yalumwa ennyonta nga bwe tulumwa. Yamanya okwefiiriza.

Yalwala nga bwe tulwala. Yagamba nti, “Tebaŋŋambe akagero ak'edda nti, 'Omusawo, weewonye'?” Wabula amaanyi Ge amangi tegaali ku lulwe Ye Mwene. Yalina amaanyi okukikola, wabula Yali Tasobola kugeekozesaako Ye Mwene.

Nedda.

81 Omuntu omu yaŋŋamba, olunaku lwa luli nti, “Ow'oluganda Branham, ng'ekintu kyonna tekinnabaawo, obeera okimanyiiko kyonna ekigenda okukutuukako.”

Ne ŋŋamba nti, “Ekirabo si kyange. Sisobola ku kyekozesaako nze mwennyini.” Kyammwe. Mmwe abafunamu omuganyulo, si nze. Nze ndi muweereza wa Katonda owomu lwatu, gye muli.

Omubuulizi muweereza wa mu lujjudde. Ye abeera bubeezi awo. Ng'eddanga lyomu kiwonvu, ebivuuvuumira bibuukiramu, ne bifuna ku bitundu byalyo. Enjuki ez'omubisi zibuuka ne ziryefunira. Abayise balyefunira na buli kimu. Litoba, misana na kiro, okukuuma okumasamasa kwalyo. N'omuweereza w'Enjiri akola ekintu ky'ekimu; atambulira mu butereevu bwa Katonda. Akuuma obujulizi bwe nga bwannamaddala, nti ensi esobole okumugabanako, mulaba, Mwami. Musumba Lily. Mulungi. Yesu yagamba nti, “Mulitunuulire. Sulemaani talifaanana lyo.” Bwekiri. Dokita Lily, ndowooza mwenna mumanyi. Mulaba?

82 “Mutunuulire amalanga gomu ttale, tegakola mirimu wadde okulanga olugoye. Njogera, era, naye era, Sulemaani, ekitiibwa kye kyonna…” Eddanga lirina okulafuubana, emisana n'ekiro, okufuna okwakaayakana okukuuma ebyambalo byalyo, okukuuma akawoowo kaalyo n'ebintu nga bitambula. N'ebirala…Lyebikkula bwebikkuzi, ne bijja ne biguggyamu. Enjuki n'ensowera, na buli kimu, bijja, ebibi oba ebirungi, ne bifuna okuva ku lyo.

Bw'atyo omuweereza bw'ali, owa Kristo, omuweereza Omukristaayo; yeggula, “Ensi, mufune okuva gyendi.” Tewaliiwo kikye ku lulwe ye mwennyini. Kiriwo ku lw'abalala. Ky'ekyo Kristo kye Yafuuka bwe Yafuuka ow'oluganda gye tuli. Yafuuka omuntu, ensi esobole okugabana awamu n'obutuukirivu Bwe, mulaba, tufuulibwe abaana ba Katonda.

83 Kaakati, kiki kye baakola? Baafumbirigana, era okuyita mu ekyo mwavaamu ekintu kino eky'amaanyi. Awo Luusi n'aweebwa empeera, olw'Okufuna Kristo…oba okufuna Bowaazi okubeera omwami we. Ng'era, n'Ekkanisa eweebwa empeera, Okujja kwa Mukama bwe kunaabaawo, ku makya ago amatangaavu era ebire nga byerufu. Tuwummudde, kaakano nga tulinda. Lujja kujja. Kaakati, lwaki? Twanunulibwa.

84 Kaakati, okunokola kumu nga sinnavaawo, okutandika ku lunyiriri lw'okusabirwa. Okunokola kumu. Nnatunudde waggulu, amakya gano, ekigambo Okununula. Mmala ga…Munsonyiweko, baganda bange aba Arminiam, wabula kino nnina okukiyingizaawo; si kulumya, naye okubaleetera okulowooza. Mutunule mulabe kiki obununuzi kye butegeeza. Obununuzi, mu butuufu kikozesebwa, mu bigambo by'Abayonaani, okuggya omuddu okuva mu katale. Sisobola kwogera kaakano kigambo kya Luyonaani, wabula kitegeeza, “okuggya omuddu mu katale,” okununula.

Omusajja ng'alina ky'akoze ekikyamu, kale, ye, mukama we yamutundanga mu buddu, mazima eri okufa. Era ali ng'ali mu katale, muddu. Wabula omusajja awo n'ajja, omusajja asaanira asobola okukikola, n'azuula omusajja ono, n'alaba ekisa mu maaso ge, n'amununula. Ekyo ne kimuggya mu katale k'abaddu, n'amwetwalira ye mwennyini. Weetegereze. N'omuddu oyo, kasita anunulibwa, aba takyayinza kuddamu kutundibwa mu katale nate. Amiina. Aba takyayinza kutundibwa nate. Ateekebwako akalambe. Era singa aba nga yalowoozebwako ekimala, olumu, okununulibwa, tewaliiwo n'omu ayinza kuddamu kumutunda mu buddu.

85 Oh, Yeebale Katonda, nti omuntu kasita amala n'ajja eri Kristo n'anunulibwa n'Omusaayi ogw'omuwendo, setaani aba takyasobola kuddamu kukufuula muddu nate. Oliko obukuumi mu Musaayi gwa Yesu Kristo okutuusa olunaku lw'okununulibwakwo. Omuddu, kinoonye mu Kuva, era okizuule oba nga ago si gemateeka g'abaleevi. Ntegeeza, mu Kyabaleevi, mulaba ago bwe gabeera nga si gemateeka. Omuddu, kasita anunulibwa, aba takyasobola kuddamu kutundibwa nate olw'obuddu. Ekyo bwe kiri.

Oh, ndi musanyufu! Ndi musanyufu nnyo okumanya nti Omununuzi waffe ow'omu Lulyo, nti Katonda w'Eggulu, Oyo Eyali Omwoyo, Yakka wansi ku nsi n'Afuulibwa omubiri; n'Afuulibwa nga nze, n'Afuulibwa nga bw'oli; n'Ayambala engeri y'omubiri omwonoonyi, nga Tamanyi kibi kyonna, kibe nti ebibi byaffe bisobole okuwummulira ku Ye; era Atufuukire ow'oluganda, Yalangirira mu lujjudde olw'okufa, ng'Asasula omutango omujjuvu.

N'Omwoyo wa Katonda ng'addamu okujulira. Yeekaalu yayuzibwamu, eggigi, okuva waggulu okudda wansi. Si kuva wansi okudda waggulu, wabula okuva waggulu okudda wansi; kyalaga nti Yali Katonda, Ye Mwene, nga Yeeyeyanjuluzza, okuva Waggulu. Yaliyuzaamu okuva waggulu okudda wansi, ne liggulawo ekkubo. N'ebisenge bya ssaddaaka ne byeyuzaamu, n'okumyasa ne kuba mu kizikiza, obwengula obutabuse. Enjuba n'egwa mu masekkati g'olunaku. Emmunyeenye ne zigaana okwaka. Na buli kimu ne kiwa obujulizi nti, “Tununuluddwa.: Aleeruuya!

86 Ka tusabe. [Ow'oluganda awa okwogera kw'obunnabbi -Omuk.]

Nga mukotese emitwe gyammwe, mu kadakiika. Okwo kubadde kwogera kwa bunnabbi, okukoowoola ekkanisa, oluvannyuma lw'Obubaka.

Kaakati bwe wabaawo wano abatamumanyi Ye, obulamu bwammwe nga si bulongoofu, mwanirizibwa kaakano okuyimirira wano mu maaso g'ekibiina kino, mu maaso ga Katonda, okumukkiriza Ye ng'Omulokozi wammwe. Amazzi mwe gali mu kidiba olw'okubatizibwa. Singa omuntu omu alinze okutandika olukuŋŋaana lw'okubatizibwa obutereevu.

87 Nga tukotese emitwe gyaffe, kaakano tugenda kutwalayo akaseera nga tuyimba Ŋŋenda Mu Maaso Nga bwe mukotese emitwe gyammwe kaakati.

Ŋŋenda mu maaso, yee, Ŋŋenda mu maaso,
Nja kusasula omuwendo, kyonna abalala kye bakola;
Nja kukwata ekkubo naba Mukama abatono abanyoomebwa;
Ntandikidde ne Yesu , era ŋŋenda mu maaso.
Ŋŋenda mu maaso, yee, ŋŋenda mu maaso. Nze… Mu kitegeereza ddala kaakati? Bwe muba mukitegeeza, mujje waggulu wano muyimirire … kiki abalala kye bakola;
Nja kukwata ekkubo… Oli mwetegefu okumwesibako, nga Nawomi ow'edda?
Ntandise ne Yesu, era ŋŋenda mu maaso.
Okuva mu mmanvu e Beserekemu Omugwira yajja,
Ku nsi njagala mbeere nga Ye;
Mu lugendo lw'obulamu okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,
Nsaba kimu mbeere nga Ye.
Nfaanane Yesu,… Oyagala okufaanana Omununuzi wo? ...nga Yesu,
Ku nsi njagala mbeere nga Ye;
Mu lugendo lw'obulamu lwonna okuva ku nsi okudda mu Kitiibwa,
Nsaba kimu mbeere nga Ye.
Njakaako, Mukama, Njakaako;
Ekitangaala okuva mu nju y'Ekitangaala kinjakeko;
Njakaako, Mukama, Njakaako,
Ka Ekitangaala okuva mu nju y'Ekitangaala kinjakeko.
Nfaanane nga… Waliwo omuntu omulala yenna gw'oyagala okubeera, ng'oggyeeko Ye? Omuntu omulala tajje kaakano n'afukamira n'omukazi ono omuto, nga bw'afukamira? Ng'atwala, nga Luusi ow'edda, ng'atwala ekubo lye enkya ya leero.
…nga Ye; Okuyita…ensi mu Kitiibwa, Nsaba kimu kubeera nga Ye.
Nfaanane nga…Wabeewo omulala ajja waggulu kaakano. Tambula wano ofukamire wansi, ng'omukazi ono wano. Otandise? Onaateeka emikono gyo mu Gigye.?
Njagala Nfaanane nga Ye; Okuyita mu lugendo lw'obulamu okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,
Nsaba kimu mbeera nga Ye.

[Ow'oluganda Branham atandika okumuumunya Okufaanana nga Ye -Omuk.]

88 Kitaffe ow'omu Ggulu, ng'ekkanisa eri mu kumuumunya oluyimba luno, "Okufaanana nga Yesu," omukazi ono, enkya ya leero, yeesowoddeyo, nga Luusi. Ina Bell, ng'ajja nga Luusi ow'edda. Sinsonga omuwendo guli ki, azze okugusasula. Sinsonga kiki e…engeri gy'ajja okusekererwamu, oba okujeregebwa, atwala ekifo kaakano, ayimiridde wano, ng'ayatula ebibi bye. Ng'afukamidde wansi, alamba ekifo awo Mukama ow'amaanyi ow'amakungula we Yagalamira ku musaalaba. Era awo afune Omwoyo We, Ekisa Kye Ekyayogedde naye ng'Ekigambo kigenda mu maaso, nga Nawomi ow'edda, ng'alagirira. Era ne kikuba awatuufu, ekifo ekituufu. Kaakati azze okutwala ekifo ky'omukkiriza, ng'afukamidde ku musaalaba, awo w'ayatulira ebibi bye, teeka ku bbali ebintu byonna ebikadde ebyomu bulamu, ofuuke ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu.

89 Tusaba, Taata, enkya ya leero, nti buli muntu omugwira mu kizimbe kino, buli muntu, buli mukazi, buli mulenzi, oba muwala, oyo atakumanyi Ggwe, Toganya Bigambo bino kuyitawo, Mukama. Tetumanyi ssaawa ki gye tunaggyamu ku Musango. Luyinza okuba olwa leero abangi ku ffe okujja. Oboolyawo nga tetunnatuuka waka, akabenje kanaabaawo. Ka…Okulumbibwa mu mutima kuyinza okutugwira. Tetumanyi. Ayi Katonda, ka twetegeke, essaawa eno, nga Omwoyo Akyali wano, nga tukyalina Omujulizi Ali wano, nga Katonda w'Eggulu, mu kisa Kye kyonna ekitaliiko kkomo, Ali wano okutuyingiza.

Tuwe ekisa Kyo, Mukama. Sindika abalala, amakya ga leero, ku woolutaali, bakkirize Kristo ng'Omulokozi, ng'omukazi ono bw'akola kaakano. Kikkirize, Mukama. Musaassire, ng'amanyi nti abantu be…Mwannyina atudde wano ku kituuti nange. Muganda we omuwala, Wood, atudde amabega eyo; maama ne taata nga batudde wano. Mukama Katonda, nsaba okusaasirwa. Kikkirize, Mukama. Omanyi kiki kye ntegeeza mu mutima gwange. Nsaba nti okuyiwa kwo okw'Omusaayi, mu kusaasira, kunajja kaakano mu ssaawo eno. Kikkirize, Mukama. Kikkirize nga bwe tulinda ku balala, ka abalala nabo bajje,

Kitange, batabaganyizibwe eri Katonda okuyita mu Kristo.

90 Era kaakati, nga bwe tulinda kaakano era nga twewuunya, tugenda kuyimba nate. Njakaako, Ayi Mukama, Njakaako. Ka Ekitangaala ekyo okuva mu nju y'Ekitangaala kinjakeko. Kale. Weewaawo.

Njakaako…Wayinza okubaayo omulala avaayo? …njakaako,
Ka Ekitangaala okuva mu nju y'Ekitangaala kinjakeko;
Njakaako, Mukama njakaako,
Ka Ekyangaala Kyo okuva mu nju Y'Ekitangaala kyake ku… Kinaanfuula ki?
Nfaanane nga Yesu, nfaanane nga Yesu,
Ku nsi njagala kubeera nga Ye;
Mu lugendo lwange lwonna okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,
Nsaba kimu kubeera nga Ye.

91 Taata Katonda, ago mazima bwe bujulizi bwaffe. Mukama, twagala kfaanana nga Ye, omuteefu era omukkakkamu, omuwoomu, bulijjo asonyiwa abo abamuyisa Ye obubi era abamukola obubi. Twa-twagala kuba bwe tutyo. Tumanya tutya obulamu buno kye bunaaba, nga wayiseewo akaseera? Oboolyawo okuyita mu nsobi ze zonna n'ebintu mu bulamu, ffenna nga bye tukoze, nga tubiraba nga biri wansi w'omusaayi enkya ya leero. Nsaba, Katonda, nti omukazi ono ajja kubeera obulamu obweyawudde obujja okukulembera bonna b'akolagana nabo eri obumanyirivu buno. Ka aleme kukoma wano, naye genda mu nsi ensuubize, ng'olamba ekifo ekyo n'okugalamira wansi, Afune Omwoyo Omutukuvu awo. Kikkirize, Mukama.

Bwe wabaawo omulala yenna wano, Kitaffe, eyandizze, nga tazze, ka Omwoyo Wo aleme kubaleka. Ka baleke kuwummula, emisana n'ekiro, okutuusa, nga nabo bazze, nga bakoze okusalawo kuno kwe kumu. Si kubeera bakambwe, Mukama, wabula, Ayi Katonda, nga mmanyi nti be babulawo. Okumanya kiki ekinaabaawo ku Lunaku olwo, okumuwulira ng'agamba nti, "Muva Wendi, mmwe abakozi b'obutali butuukirivu. Amakya ago, ku Eighth ne Penn Street, Nnakuyita, n'otajja." Ayi Katonda, nga enaaba ssaawa mbi nnyo eri bo, bwe balipimibwa ku minzaani ne basangibwa nga babulako. Kitaffe, kikkirize nti ekyo tekijja kutuuka ku muntu yenna mu Kubeerawo okw'Obwakatonda. Ka bonna balokolebwe. Tusaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

92 Twagala okwebaza Katonda, amakya ga leero, olw'obulungi Bwe n'ekisa Kye. Mbeebaza mwenna olw'obugumiikiriza bwammwe, olw'okunnindirirako okumala akaseera. Mwannyinaze Ina Bell, Nze… Mwannyinze Wood, oyo mwannyoko, Ow'oluganda Charlie. Kye babadde basabira, ne kye tubadde tusabira, okumala akaseera. Mwannyinze Ina Bell, oyinza okuyimirirako, akaseera katono? Oyo ye mwannyinaze Wood…Omuwanika waffe wano ku kkanisa, oyo ye mulamu we, akkirizza Yesu ng'Omulokozi w'obulamu bwe amakya gano. Era essaala zibadde mmeka e…Katonda Akuwe omukisa, Mwannyinaze Ina Bell. Ndowooza erinnya lyo ndimanyi bulungi. Bwe kiri ekyo? Leka Katonda Akuwenga bulijjo, mwannyinaze omwagalwa. Era bw'obeera nga tobatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo, nkusendasenda okukikola, era ofune Omwoyo Omutukuvu.

Katonda bulijjo abeerenga naawe, awe omukisa omwami wo omulungi awo. Nnamusisinkanye, ennaku entono eziyise. Bwe mba sseerabidde, erinnya lye ye Stanley. Bwe kiri ekyo? Stanley. Katonda Akuwe omukisa, Stanley. Ewaka wawoomu, wabula nzikiriza wajja kuba wawoomu kaakati n'okusinga bwe kyali kibadde. Katonda Abeerenga naawe era-Era Akuwe ekisa Kye n'okusaasira, ennaku zonna ez'obulamu bwo. Era ogende mu maaso n'okugoberera Mukama. Beera nga Luusi kaakano, Ina Bell, kinywerereko ddala. Weeyongere kugenda mu maaso. Ebiseera ebimu kikalubamuuko, era amakubo gajja kuzimeera. Naye jjukira, tunula butunuzi wansi eyo ku ttaka, awo otunule waggulu okwolekera obwengula, ojja kusanga obubonero bw'ebigere eby'Omusaayi obugoberera wonna mu kkubo waggulu eyo. Ajja kukulembera ekkubo.

93 Kaakati, oh, kaakano tuli mu ttuntu, essaawo mukaaga. Mukyayagala okubeera n'olunyiriri lw'okusabirwa? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina.a" -Omuk.]

Billy, wa, kika ki…Wagabye bu kkaadi bw'okusabirwa? Nze-nze sinnaba… Nzikiriza yaŋŋambye yagabye bu… Kale, yabadde ki? Omuntu omu ambuulire ennyunukuta n'ennamba bwe zaabadde. [Omuntu omu agamba nti, "Wuuyo ajja." -Omuk.] Kiki? [Ow'oluganda Billy Paul agamba nti, "B."] B.B, emu okutuuka ku kikumi? Ataano okutuuka ku kikumi. Kale. B, nnamba emu. Balina…

Kaakati, tulina ekibiina, kale tutuyinza…Bonna tujja kubayimiriza, era tujja kubayitako, nga bwe mbasabira.

94 Kaakati, bameka abatalabanga ku zimu ku nnyiriri z'okusabirwa? Ka tulabe emikono gyammwe, nga temubeerangako mu zimu ku nkuŋŋaana zange, eri olunyiriri lw'okusabirwa. Oh, abange! Bangi ku mmwe.

Kale, kaakati, tusobola okusabira abantu, oba tusobola okubeera n'okwawula emyoyo, oba obutabeera na lunyiriri lwa kusabirwa yadde; bayiteyo buyisi butereevu, mu kibiina. Tekirina nsonga. Omwoyo Omutukuvu Ali wano. Yee, ssebo. Wabula ka tuyimirize olunyiriri lw'okusabirwa. Namba emu, ani

alina namba emu, kkaadi y'okusabirwa namba B? Nam…Ataano. Munsonyiwe. Tewali n'omu alinawo emu, mazima. Kale. Kkaadi y'okusabirwa amakumi ataano, ani agirina? Jjangu wano, ssebo. Kkaadi y'okusabirwa namba bbiri… Ataano-mu emu, ataano mu bbiri. Kkaadi namba ataano-mu bbiri. Kale. Ataano-mu ssatu. Ataano-mu ssatu. Kale. Ataano-mu nnya. Mujje eno, wano wennyini. Bw'obeera emabega, mujje eno, wano. Ataano-mu emu, ataano-mu ssatu, ataano-mu nnya. Ani alina ataano- mu ttaano, kaadi ataano mu ttaano? Omukyala, wano wennyini. Kaadi ataano mu mukaaga. Muyimirire ku ludda lw'ekisenge, wano, bwe muba musobola. Ataano-mu musanvu, ataano mu munaana, ataano-mu mwenda, nkaaga. Nkaaga-mu emu, nkaaga mu bbiri, nkaaga mu ssatu, nkaaga- mu nnya, nkaaga- mu ttaano. Busty, kyukira mu lukuubo olwo awo, ow'oluganda, awo wennyini. Kale. Kyuka. Bameka abatalina kaadi zaakusabirwa, era nga mwagala Mukama abawonye? Muwanike emikono gyammwe. Kale. Ky'ekyo kye mulina okukola, kkiriza bukkiriza ekyo kaakano. Kkiriza bukkiriza. Kale. Ataano mu mukaaga, Ngirina? Ataano-mu musanvu, ataano-mu munaana, ataano-mu mwenda, nkaaga. Ka bayimirire. Nkaaga-mu emu, -bbiri,-ssatu,-ttaano. Ka bayimirire. Nkaaga-mu mukaaga, nkaaga-mu musanvu, nkaaga-mu munaana, nkaaga-mu mwenda, nsanvu. Ka bayimirire. Ssaagala bayanguyirire bonna omulundi gumu, olw'ensonga ndi mu kuyita enamba, okutuuka ku nsanvu. Nsanvu okutuuka ku kinaana, muyimirire. Mujje wano, ku luuyi luno, nsanvu okutuuka ku kinaana. Kale. Omu, babiri, basatu, bana, bataano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, Kale. Kinaana okutuuka ku kyenda, muyimirire wano ku luuyi luno.

Kyenda ku kikumi, muyimire ku ludda luno, wano.

95 Kale, Nga basimbye, nnandiyagadde okubaako kye mbuuza ekkanisa. Abagenyi bameka abali wano, nga tebabeerangako mu nkuŋŋaana zange? Bameka ku mmwe? Bameka abamanyi nti tewaliiyo muntu asobola kuwonya munne, yadde omusawo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Nedda, ssebo. Omusawo si muwonya. Akozesa butonde kyokka. Katonda ye muwonya. Mukiraba? Omusawo asobola okutereeza omukono, naye tasobola kuwonya mukono. Omusawo asobola okuggyamu ekyenda, tasobola kuwonya kifo we yasaze. Omusawo asobola okuggyamu erinnyo, wabula si kukomya kutiriika kwa musaayi, oba okukiwonya. Katonda ekyo y'Alina okukikola.

96 Kale, Bameka abakimanyi ekyo, Yesu bwe Yali wano ku nsi, nti Teyeeyitako kuba muwonya? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Yali Muntu. Yagamba nti, "Si Nze akola emirimu, wabula Kitange Atuula mu Nze, y'Akola emirimu." Bwe kiri? ["Amiina."] Bameka abakimanyi, bwe Yali wano, kiki, kitya…Yalina kika kya buweereza ki bwe Yali wano ku nsi? Yakola ekyo Kitaawe kye Yamulaga okukola, Bwe kiri ekyo? ["Amiina."] Bameka abakimanyi, abakimanyi ekyo? ["Amiina."] Omutukuvu Yokaana 5:19, Yagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Omwana talina ky'asobola kukola Ye Mwennyini, wabula ekyo ky'Alaba Taata ng'Akola." Bwe kiri ekyo? ["Amiina."] "Ekyo Omwana ky'Akola, mu ngeri y'emu."

Kaakati, awo, Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Mukikkiriza ekyo, n'omutima gwammwe gwonna? ["Amiina."] Y'omu jjo leero n'emirembe gyonna. Mukkiriza, nti, Yesu Kristo olw'okuba nga y'Omu jjo, leero n'emirembe gyonna, nti ekyo kitegeeza nti mu butuufu y'Omu? ["Amiina."] Kale.

Ali atya omu? Omu mu buli nkola. Bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Ye Katonda omu, Omuwonya omu, o-Omulokozi y'Omu. Y'omu, endowooza y'emu. Ekyo kyonna ky'ekimu. Bwe kiri ekyo? ["Amiina."] Omu. Kale. Awo, Bw'Abeera nga Yali omu, era nga y'Omu, Ajja kukola era Yeeyise mu ngeri y'emu. Bwe kiri? ["Amiina."] Kaakati, bameka abakimanyi ekyo okuba Amazima? ["Amiina."]

97 Ŋŋenda kutwalayo akaseera wano. Nninze. Tekindabikira, ng'abantu abo bali ataano abayimiridde awo. (Omu, babiri, basatu, bana, bataano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi n'omu, kkumi na babiri, kkumi na basatu, kkumi na banna.) Nedda. Abamu ku bo oboolyawo bagenze ewaka, nga bukyali. Nnalabye abamu ku bantu nga bagenda emabega eyo. Kale, olunyiriri luno olutono. Bameka abandyagadde okuba na kino? Bameka abagenyi gye ndi, mu lunyiriri olwo? Muwanike emikono gyammwe, nga mumanyi nti sirina kye mbamanyiiko. Muwanike e… emikono gyammwe.

Bameka wabweru eyo, abagwira, abamanyi nti sirina kye mbamayiiko? Muwanike emikono gyammwe, mmwe abalwadde. Kale. Bameka abandyagadde okulaba olunyiriri lw'okwawula emyoyo, kale tusobole okwanguwa tumalirize? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Mwandyagadde…Kaakati, si kikulu. Nnyinza kubasabira busabizi, okubayisa mu lunyiriri. Oba, basobola okutuula wansi, mugende bugenzi mutuule wansi. Tekirina buzibu. Omwoyo Omutukuvu asobola okukyawula, mu ngeri y'emu. Mukikkiriza ekyo? ["Amiina."]

98 Kaakati, awo, ekyo bwe kiba bwe kityo, awo musirike, akaseera katono. Obudde buyiseemu kko, kale mutuule mukkalire, akaseera katono. Njagala okubabuuzaayo ekintu kaakano.

Nnyinza okuba ku muzindaalo omukyamu wano. Gyonna gitereezeddwa, kale, ne guno? [Ow'oluganda agamba nti, "Yee." -Omuk.] Kale.

Kaakati, musirikeeko, akadakiika. Ŋŋenda kutunula wansi mu lunyiriri luno, ndabe oba mmanyi omuntu yenna.

Mmanyi omuntu oyo ayimiridde awo wennyini. Kaakati, mmanyi Earl. Earl, nkumanyi, Earl Colvin. [Ow'oluganda Earl Colvin agamba nti, "Siri mu lunyiriri lwa kusabirwa, newankubadde, Ow'oluganda Bill. Nnaleese mukwano gwaffe okuva e Jeffersontown." -Omuk.] Oh, yee, weewaawo, omusajja waggulu wano. Oyo ye musajja gwe twayigga naye, engulu eyo mu Colorado? ["Oboolyawo tojja kutwekkaanya, tukeendeezezza nnyo ku buzito."] Oh, abange! Mazima si bwendi. Nzikiriza Earl yaŋŋambye nti wabadde mulwadde, era ozze. Kaakati, bw'oba tosobola kuyimirira bbanga ggwanvu, ka omuntu omu amutwalire awo akatebe. Oba, abamu ku bo-abamu ku bo bayimuke omusajja bamuwe akatebe kumpi awo wennyini, kijja kuba kirungi, kubanga omusajja mulwadde nnyo. Abange! Akeendeezezza pawundi nga kikumi n'okusingawo, oba obuzito. Era-era mulwadde nnyo. Kaakati muleke bulesi atuule awo. Mutandike okumwebaza Ye, awo, ow'oluganda.

99 Kaakati ka ntunule wansi. Kaakano, Earl yabadde ayimiridde naye. Kaakano, omusajja ono, ng'ayimiridde emabega awo, ng'antunuulidde, okuva ku La-LaGrange, Kentucky. Simanyi linnya lye, wabula nku-nkumanyi. Era oyo ye Woluganda ne Mwannyinaze ba Kidd awo. Mbamanyi. Era omukyala ono, awo… oyo ye Mwannyinaze Rook? Oba…[Ow'oluganda Neville agamba nti, " Mwannyinaze Hardy." Mwannyinaze agamba nti, "Nze Mwannyina mmwe Taylor…?... ne Hattie." -Omuk.] N'omukazi ono wano, okuva e Sellersburg, nzikiriza, oyo muzibe. Bwe kiri? Kale.

Ndowooza ky'ekyo mu lunyiriri, lwe mmanyi. Oh, yee, wuuno wano mukwano gwange omulungi, Busty Rogers, wano, okuva wansi mu Milltown. N'okukkirira wansi w'olunyiriri, nteebereza abasigadde ku bo bagwira gye ndi. Kaakati, ekyo kiri mu maaso ga Katonda, nga bwe mmanyi, bagwira gye ndi.

100 Kaakati ka ndabe mu kibiina. Kaakati, mmwe-mmwe abagwira gye ndi, abalwadde, muwanike emikono gyammwe, era, nga bwe mumanyi, ng'olina eky'okusabira ku mutima gwo. Wanika omukono gwo wonna w'oli. Ggwe amanyi Nze…Kale. Otyo. Kya bonna, okwetooloola, buli wamu.

Kaakati, kaakano, tekijja kukulumya, lindako akaseera oba okusingawo kko. Njagala okubuuzaayo ekibuuzo eky'obwesimbu. Kisingako ŋŋende emabega wano, musobole okumpulira. Njagala kubaako kye mbabuuza. Kaakati, Obubaka buno bwe mbuulira, mubukkiriza okubeera amazima? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Mmwe, ddala, temwandizze wano singa tebubadde.

Kale nno, Katonda Yandikoze ekintu bwe kityo nga tantegeezezzaako ku kiki kye nnali nkola? Mazima ddala Tayinza. Mazima ddala, Ye tayinza. Kaakano, bw'Aba ng'akoze ekyo…

101 Kaakati, nze ŋŋamba nti Yesu Kristo Tannakyuka. Okufa Kwe tekwamukyusa Ye; kwamugulumiza bugulumiza. N'azuukira ku lunaku olw'okusatu, n'agenda Waggulu. N'atuma nate Omwoyo Omutukuvu, Oyo Eyali Katonda, ye Mwoyo Omutukuvu Eyamuliko. Mwenna mukikkiriza ekyo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Ne Yesu, bwe yali wano ku nsi, Yagamba nti, "Emirimu gye nkola, nammwe munaagikola. Akaseera katono, ensi tejja kundaba Nze nate." Eyo y'enkola y'ensi, nga bwe mumanyi, ekkanisa etakkiriza na bonna. "Tebajja kundaba nate. Ate nga mmwe mujja kundaba Nze." "Mmwe." eyo y'Ekkanisa, omukkiriza. "Kuba nze…" "Nze" nnakasigirwa ey'obuntu "Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi." N'oluyonaani waliwo kuwumbawumbibwa, ekitegeeza nti, "enkomerero y'ensi." Nja kubeera nammwe okutuusa ku nkomerero y'ensi. N'emirimu gye nkola nammwe mujja kugikola." Ago mazima? ["Amiina."]

102 Kaakati, tulina Ababaputisiti, Abamesodisiti, Abapulotesitante, Abakatuliki, na-n'Abayudaaya, nga batudde wano amakya ga leero. Era tulina aba Church of God, Abanazareni, Abapilgrim Holiness, Aba Yakuwa, n'ebyo byonna ebibiina by'amadiini eby'enjawulo nga bikiikiriddwa. Ntunulatunula, nga mbatunuulidde. Abamesodisiti, Abaluther, Abapentekoote, n'abenjawulo bonna, nga bwe ntunulatunula, ndaba abantu be mmanyi. Era nga bonna bagenyi okuva mu kibuga. Ekkuŋŋaaniro lya Branham kintu ekitonotono, wano mu kibuga, wabula kikuŋŋaanya abava mu nsi.

103 Kati nno, ka tutwale kino, era tulowooleze ddala, tulowooze, tuyige, twewombeekere ddala, era tubuuze ekibuuzo kino. Awo, bw'Abeera nga si mufu, olwo endowooza ye gy'oli n'eri abalwadde ejja kubeerera ddala yeemu olwaleero nga bwe yali jjo. Awo Yakola atya endowooza Ye jjo? Kino, "Nsobola, singa mukkiriza." Bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] "Bwe mukkiriza."

Omusajja yagamba nti, "Mukama, tusaasire." Nti, "Mutabani wange yasibibwa n'omuzimu. Nnamuleeta eri abayigirizwa bo, ne bakaaba n'okuwowoggana, na buli kimu."

N'Agamba nti, "Nsobola, bw'okkiriza. Singa okkiriza, nsobola."

104 Kaakati weetegereze. Yesu Yakikola atya? Yali kiki, jjo? Yaweereza Atya? Kaakano, kino kiri eri abagwira kaakno, be njogerako nabo. Ka tulabe kye Yali, jjo. Kijja kuntwalira eddakiika nga ssatu, tujja kunokola, ebifo ebitonotono.

Obuweereza Bwe nga bwakatandika, waaliwo omu erinnya lye Andereya, omuvubi, yakyusibwa, n'amukkiriza Ye, n'agenda n'akima muganda we, ayitibwa Simooni. Mukijjukira ekyo? Yamuleeta eri Yesu. Yali muvubi ataasoma, nga tasobola na kuwandiika linnya lye ye. N'ajja mu maaso ga Yesu. Ne Yesu

n'amutunuulira, n'agamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni. Oli mutabani wa Yona."

Bameka abamanyi Ekyawandiikibwa ekyo? Baamanya nti oyo ye yali Masiya, kubanga Ye… Katonda Yasuubiza. Musa yasuubiza, nti, Masiya bw'alijja, Ajja kuba Nnabbi. Bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Nnabbi- Masiya. N'atunula, n'Agamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni." N'agamba nti, "Kitaawo yali ayitibwa Yona." N'amanyi nti oyo ye yali Masiya.

105 N'omukazi ku luzzi, eryo ggwanga ly'abantu eddala. Kaakati, Abayudaaya n'Abasamaliya be baamusembeza Ye. Bannaggwanga, twali tetunnayingirawo, Ekibinja kya Luusi. Kaakati, omukazi ku luzzi, eyali Omusamaliya, yajja okukima amazzi. Yesu yagamba nti, "Ndeetera eky'okunywa." Kiki kye Yakola? Yayogera naye, nga bwe nnyinza okwogera n'omuntu omu eyo mu kibiina. N'agamba nti, "Ndeetera eky'okunywa." Baali tebasisinkanangako.

Omukazi n'agamba nti, "Lwaki, si kya mu buwangwa, tulina okusosola wano." Nga kwe twateranga okuba nakwo mu Maserengeta, eri mikwano gyaffe abaddugavu n'ebintu, naye tebakyakirina. Katonda Yeebale, olw'ekyo. Kale Yagamba nti… "Tulina okusosola wano. Lwaki, sikya mu buwangwa gy'Oli. Oli Muyudaaya." Yesu yali Muyudaaya. Omukazi yali Musamaliya. Yagamba nti, "Sikya mu buwangwa ggwe- Ggwe okumbuuza, omukazi omusamaliya, bw'atyo."

N'Agamba nti, "Naye, omukazi, singa obadde omanyi Ani gw'obadde oyogera naye, ggwe wandinsabye Nze eky'okunywa."

Ekyo kyayimiriza omukazi omubalagavu oyo. N'atunula n'agamba nti, "Lwaki, Tolina kyakusenesa. Oluzzi luwanvu."

N'Agamba nti, "Amazzi ge Ngaba bwe Bulamu obw'olubeerera."

Era oluvannyuma ennyo n'Azuula obuzibu bw'omukazi nga bwe bwali. Bameka abakimanyi, abagwira, abamanyi kiki obuzibu bwe nga bwe bwali? Yalina abasajja bataano. Kale kiki kye Yamugamba? Yamugamba nti, "Genda, onone bbaawo mujje wano."

Omukazi n'Amutunuulira. N'agamba nti, "Sirina mwami yenna."

N'Agamba nti, "Oyogedde bulungi, kubanga walina bataano, era ne gw'oli naye kaakano si balo."

106 N'agamba nti, "Ssebo, nkitegeera nti Oli nnabbi. Kaakano, tukimanyi, awo Masiya bw'Alijja," (Oyo ye Yesu) "awo Masiya bw'Alijjja, Ajja kutubuulira ebintu bino, kubanga tukimanyi Ajja kuba Nnabbi oyo. Tukimanyi Masiya bw'Anajja, Ajja kukola kino. Naye Gwe Ani? N'Addamu nti, "Nze nzuuyo."

Era ku ekyo, omukazi yadduka mu kibuga n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja, Oyo ambuulidde bye nnakola: Oyo si ye Masiya?"

Ako bwe kaabeera nga ke kaali akabonero ka Masiya jjo, era y'Omu leero, ky'ekintu ky'ekimu olwa leero. Kaakati, mmwe abagwira ekyo mukikkiriza? Kaakano ekyo kyammwe abali mu lunyiriri wano.

107 Kale nno, eri abo wabweru eyo, Ekyawandiikibwa kimu kyokka, kibe nti mujja kubaako kye muyimirirako. Bameka abakkiriza nti Ye Kabona Asinga Obukulu kaakano, asobola okukwatibwako n'enneewulira z'okulumwa kwaffe? Ffenna…[Bbanga Jjereere ku lutambi -Omuk.]…?... Kitaffe owomu Ggulu, Ammmanyi, Amanyi, nga bwe mmanyi, omusajja simulabanga. Kaakati ayinza okuba nga yandabako era nnyinza okuba nga nnamulabako, wabula bwe kiba, sirina kye nkimanyiiko. Kubanga, mbaddeko mu nsi yonna, emirundi mingi, nga nsabira abalwadde n'ebintu, era nze-nze nnyinza okuba nga nnamusisinkana awantu awamu, oba okumulaba, oba ekintu ekimu, simanyi. Wabula mu buli ngeri, si-sirina kye mmumanyiiko. Ekyo kituufu. Bwe kiri, ssebo? Kiri kityo abantu bajja kumanya. Mulaba? Kale. Kaakati, omusajja ayimiridde wano olw'ensonga emu. Kaakano omusajja oyo omuyizzi ali wa, Efferson, oba, e…Kale. Njagala ye akirabe. Aliwa oyo, aliwa Busty Rogers? Ayimiridde awo. Kaakati wano, kaakati Busty, ommanyi. Mwami. Efferson, omanyi (Bwe kiri? Efferson? Yee.), ommanyi, twayiggako awamu mu Colorado, nd-ndi muntu. [Ebbanga ejjereere ku lutambi -Omuk.]

…Omusajja abonaabona okuva mu mbeera y'ekiwuggwe. Ekyo ky'ekizibu kye; kubanga olina ekizibu ky'akawago (Ekyo kituufu.), osisimukasisimuka ekiro, n'ebirala. Ova mu Ohio. Era oli wa mu kkanisa ya Waluganda Sullivams oba ogenda eyo. Ndaba Ow'oluganda Sullivan ng'ayimiridde wano. Wazze n'abaana ne ba Kidd; ky'ekyo ky'oli. Bwe kiri. Kale, mu kiseera kino owulira mu ngeri ey'enjawulo kaakano. Kikuvuddeko. Kaakati, osobola okugenda ewaka; okukkiriza kwo kukuwonyezza. Kaakano, Katonda Akuwe omukisa. Kati okkiriza?

108 Kaakati, sikumanyi, mukulu. Ondabikira ng'akumanyi, wabala kaakati, nga bwe nkumanyi, Katonda mu Ggulu Akimanyi, sirina kye nkumanyiiko yadde. Simanyi kikyamu ku ggwe. Sirina ngeri yonna yakumanya ekikyamu ekikuliko. Oli musajja busajja ayimiridde awo. Era wabadde ne kkaadi, ku…yabadde ne namba ku yo. Era wa…Omulenzi yakuwadde ka kkaadi, era wayitiddwa wano mu lunyiriri lw'okusabirwa.

Kale nno, tunuulira butunuulizi engeri gye kivaawo. Olaba. Omulundi ogwo gumu, ekyo kikalubo, kinkoledde bingi, omulundi ogwo ogumu, okusinga ekiseera kyonna kye mbadde mbuulira amakya gano. Waliwo ekifuluma. Mulaba? Waliwo ekifuluma.

Muvubuka, toli wano ku lulwo. Oli wano ku lwa muntu mulala, era oyo ye-ye mwana. N'omwana tali wano; wa mu ggwanga eryomusetwe: Kansas. Alina ebiringa amalogo ag'ensimbu. Z'ensimbu, waliwo ekizikiza ku mwana.

Olina enkwatagana, oba oli…muva w aba Strickers. Mwenna temwawasa bannyina, oba ekintu ekimu bwe kityo? Bwe kiri. Okkiriza? Kale nno tajja kubeera na ddogo lyonna, singa onakkiriza n'omutima gwo gwonna. Nga bw'okkirizza, kale ka kibe ku mwana.

Genda mu maaso era tokibuusabuusa. Kaakati mukkiriza n'emitima gyammwe gyonna? Bantu mmwe mwenna? Nga nninako gwe nsabira. Nsaba ne ndeka Katonda okukikkiriza.

109 Omukyala oyo atudde awo, ng'asabira ssenga oyo, alina Kkookolo: wansi eyo. Okkiriza n'omutima gwo gwonna, emabega eyo, okkiriza? Sikumanyi. Sikulabangako mu bulamu bwange. Wabula bwe wampulidde nga mbuulira omusajja oyo ekintu ekimu kye yabadde alowooza, ku w'oluganda lwe, ekyo ne kikujjira. Kaakati, okkiriza n'omutima gwo gwonna?

Kale nno, kiki kye yakutte? Njagala abamu ku mmwe abantu, mumbuulire kiki omukazi oyo kye yakutteko. Ali fuuti amakumi abiri okuva ne wendi, tankwatangako, wabula yakutte oyo Kabona Asinga Obukulu. Olaba, Busty? Olaba, ssebo? Yakutte ku Kristo. Kristo ajja n'Ambuulira kiki omukazi kye yali ayagala, kaakati afuna kye yasaba. Omukazi, ono omukazi simumanyi. Mugwira gye ndi. Bwe kiri? Tuli bagwira. Simulabangako mu bulamu bwange nga bwe kimanyiiko, wabula Katonda Amumanyi. Katonda bw'Aba Asobola okubaako ky'Ambuulira ekikukwatako nga bwe Yakola eri omukazi ku luzzi, n'abikkula ekiri mu mutima gwo, anaakikkiriza, n'okkiriza nti tayayinza kuba nze, ng'omuntu, akubuulira ekyo, Ajja-ajja kubeera Katonda? Onaakikkiriza?

(Kaakati, eno bbiri, oba mmeka eno? Twamaze dda okubeera ne ssatu? Bbiri? Bbiri Kale. Kale.)

Omukazi asiikirizidda okufa. Waliwo ekisiikirize ekiddugavu ku ye, alina Kkookolo. Ekyo kituufu. Omusawo akugamba nti ye Kkookolo owamu musaayi. Ekyo kituufu, wanika omukono gwo. Oli wa walako okuva wano; Iowa. Okkiriza? Olina omwana oba omuzzukulu era ng'alina ekizibu n'amaaso ge, ng'era oli mu kumusabira. Okkiriza Katonda Asobola okumbuulira kiki ky'oli? Mukyala McKee, awo weddireyo ewuwo, obeere bulungi. Yesu Kristo akuwonyezza.

Okikkiriza n'omutima gwo gwonna kaakati? Omukazi simulabangako mu bulamu bwange. Kiki ekikola ekyo?

Akaseera katono. Mwewombeeko, akaseera akatono. Ntunuuliridde butereevu eri omukazi omuddugavu atudde emabega wano;

110 Ekitangaala ekyo, ekyo ky'olaba ku kifaananyi ekyo, kyewuubira ku mukazi oyo atudde emabega awo. Onzikiriza okubeera nnabbi We, mwannyinaze. Osabira balo ali ku mugo gwa ntaana mu Ddwaliro ly'abaazirwanako; kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Kkiriza n'omutima gwo gwonna kaakano; ajja kuba bulungi. Kiki kye yakwatako? Wuuyo awo omukazi, omukazi omuddugavu, omusajja omweru, ng'omukazi ku luzzi. Kiki kye yakwatako? Yesu y'omu. Si ye mukazi omu, yali mukazi muddugavu, oba Omusamaliya; mukazi mulala. Siri Yesu, omusajja omu; ndi musajja mulala. Naye ye mukazi akkiriza Yesu Kristo, ng'omukazi bwe yali; nange ndi mukkkiriza era Omuweereza We, n'Omwoyo y'Omu Akolera mu lunaku luno. Kristo si mufu, Mulamu. Omukazi simulabangako oba okumumanyaako mu bulamu bwange. Kaakati, mulaba, teweetaaga kuba na kkaadi ya kusabirwa okubeera wano. Obeera bubeezi na kukkiriza mu Katonda. Bwe kiri ekyo?

Kaakati mmanyi omukazi oyo ali awo, wabula mmanyi ky'asabira: kizibwe oyo. Kikkirize (wansi mu maserengeta), singa onaakikkiriza n'omutima gwo gwonna, ajja kutereera. Ate ggwe? Tuli bagwira buli omu eri omulala. Oli musajja muvubuka. Sikulabangako mu bulamu bwange. Okkiriza nti Katonda Asobola okumbuulira kiki ekizibu kyo kye kiri? Bw'Aba asobola, kinaakuyamba? Mazima. Kaakati, era, mugende mu maaso nga mukkiriza ebweru eyo. Mulaba?

Obuzibu mu nsingo yo. Wafuna akabenje k'emmotoka. Ova ngulu eyo mu mambuka. Oli wa mu Bedford, Indiana. Ekyo kituufu. Bwe lkiri? Awo o-okkiriza nti ensingo yo ejja kuba bulungi? Nga bw'okkiriza, ka kibe kityo gy'oli. Kyuka oddeyo eka otendereze Katonda. Wonyezebwa. Oli otya, ssebo? Okkiriza nti Katonda Asobola okumbikkulira ekizibu kyo? Obonaabona n'embeera y'ekiwuggwe; yakuleetera okuba n'ekyenda, ekizibu ky'ekyenda. Oviira ddala California. Bwe kiri. Okkiriza Katonda nti Katonda Amanyi gwe ani? Mwami, Murray? Kale, kaakati kiweddewo. Ddayo ewuwo; Mukkirize n'omutima gwo gwonna. Buli omu mugwira eri munne? Sikumanyi, ne Katonda…Sikumanyi era naawe tommanyi. Tuli bagwira, bwe kiri? Katonda bw'Anaabaako ky'Ambikkulira gy'oli, onaanzikiriza okuba nnabbi We? Abalala ku mmwe munakkiriza? Ndi… Kinnafuyiza ddala, kaakano. Mulaba. Mukkirize bukkiriza kaakano. Ndi…Amafuta

gali wano, mulaba. Ekyo mukimanyi, temukimanyi? Mu-mukimanyiiko nti Ali-Ali wano, mulaba. Omwoyo Omutukuvu ali wano kaakano bw'oba osobola…Nnafuye nnyo sikyabolera ddala kukulaba. Mulaba? Mmwe…bwe kiba ng'engeri emu yaleetera Yesu okunafuwala, engeri omusanvu oba omunaana, kkumi wano zinaakola ki, ze tubadde nazo wano, mu kibiina.? Ttaano oba mukaaga oba musanvu wano ku kituuti n'essatu, oba nnya, oba ttaano, eyo. Mulaba? Kintuusizza we sisobolerako ddala na kulaba yadde. Kindabikiranga ekibiiba kyonna kifaananga amata. Singa okizuula buzuuzi nti obwo bungi bwa Mwoyo Mutukuvu ng'Atambula munda. Ekyo ky'Ekitangaala ekyo, awo, nga kimaamira ekizimbe. Mulaba, ki, Akuleeta eri ekibinja, okutuuka mu kifo. Kaakati, olw'okuba nti omukazi ono ayimiridde wano, eri mmwe abali mu lunyiriri lw'okusabirwa kaakano: Singa Katonda Anambikkulira (Wano, mpanise emikono waggulu, omukazi simulabangako, sirina kye mmumanyiiko.) Singa Katonda Anaakibikkulira ddala, n'Akiganya, ekyo kye Yakola, oba ky'Ali, oba, kale, ekintu ekirala ekimukwatako, munakkiriza mwenna, awo, nti Katonda oyo ye Katonda akola ekyo? Munaakikkiriza? Era musobola-musobola okukikkiriza? Onakkiriza nti ojja kuba mulamu kaakati? Osobola oku…Mazima mmanyi ekizibu kyo, mmanyi ekizibu kyo, ekikyo, tekikwekeddwa. Olaba? Katonda abikkula ebintu ebyo, wabula singa onakkiriza bukkiriza.

Kaakati, okkiriza n'omutima gwo gwonna. Kaakati jjukira, si nze. Omuntu yenna akimanyi ekyo. Ye Mwoyo Omutukuvu. Uh-huh. Kaakano, singa nsobola okukwata omwoyo w'omukazi. Ekintu ekyo ky'ekimu Yesu kye Yakola. Ng'Agezaako okukwata omwoyo we, Yagamba nti, “Ndeetera eky'okunywa.” Wuuno omusajja n'omukazi, ng'era bwe kyali eyo. Kaakati, oli mukazi muto, omuto ddala ku nze. Kaakati oboolyawo, kirabika omukazi ono yali muto okusinga Yesu. Yali nga wa myaka asatu mu esatu egy'obukulu; era oboolyawo teyali wa myaka kkumi ba munaana oba amakumi abiri, nga mukazi muto. Era omukazi ya-ya-yali tasobolerako ddala kumanya kiki eky'okwogera naye bwe Yayogerako naye Yagamba nti, “Ndeetera eky'okunywa.” Kaakati Kitaawe Yali Amutumye engulu eyo mu Samaliya. Yali ku lugendo lwe oludda e Yeriko, wabula Yayitira Samaliya; eyo waggulu w'olusozi. Lwaki ekyo Yakikola? Yagamba nti Yalina obwetaavu okugendayo. Kitaawe Yamutumayo eyo. Kale, Yajja buzzi n'Atuula wansi, n'Atuma abayigirizwa mu kibuga okufunayo kko eky'okulya. Era omukazi ono omuto n'ajja okukima amazzi, era Taata Ateekeddwa okuba nga Yagamba nti, “ndi mu kumuyita.” N'agamba nti, “Omukazi, ndeetera eky'okunywa.” N'emboozi n'etandika. Kale, ekintu ky'ekimu wano. Mwataddeko kko omukono gwammwe ku kkooti yange? Omu ku mmwe? Nedda ssebo. Katonda mu Ggulu amanyi waliwo eyankutteko, awo… nnalowoozezza yabadde Billy nga yaŋŋamba nti, “Gira ogende.” Mulaba, nze-bw'otandika, obeera ddala tomanyi, obeera tomanyi ddi lw'okoma oba kiki eky'okukola. Mulaba?

Kyenkana oba toli gwe. Obeera onyiize nnyo. Kiki kye nnabadde njogerako? Omukazi ku luzzi. Awo nno oluvannyuma n'Azuula wa ekizibu kye we kyali, n'Agamba nti, “Genda onone balo.” N'agamba nti, “Sirina mwami.” N'Amugamba nti, yalina bataano. Awo n'addamu nti, “Nkitegedde ng'Oli Nnabbi. Mmanyi ti Masiya bw'Anajja, Ajja kutubuulira ebintu bino.” Kale nno oyo anaabeera Masiya y'Omu ne leero, singa mbaako kye mbabuulira, ekikyamu? Singa Katonda Takuyamba, ogenda kufa. Olina Kkookolo. Kaakati, kkiriza Katonda Asobola okumbuulira wa Kkookolo eyo w'ali Ali mu lubuto. Okkiriza nti Katonda Amanyi gwe ani? Okkiriza Katonda amanyi wa gy'ova? Ova mu Illinois. Erinnya-erinnya lyo gwe Mwami Johnson. Ddayo obeere mulamu. Yesu Kristo akuwonyezza. Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Mala ga…Muleke abe mulamu…?... Waliwo ensonga lwaki nkugambye okuba omulamu. Kitaffe owomu Ggulu, mu Linnya lya Mukama Yesu, nteeka emikono gyange ku mukazi kaakano; amafuta g'Omwoyo Omutukuvu gali wano. Muwonye ye, Mukama, mu Linnya lya Kristo, Yesu.

Katonda omwagalwa, muganda waffe omwagalwa, oyo gwe Wataliza obulamu bwe emabega eyo, mu Agusito, Ayi Katonda ow'ekisa, Jjangu gy'ali kaakano, nga Omwoyo Omutukuvu bw'Ali mu kufuka amafuta ku mitima gyaffe. Mmanyi okugezesebwa kwa muganda wange. Muwonye, Mukama, era omuwonye…?... Wafunye okulumbibwa mu mutima, olina sukaali; mmanyi obonaabona, newankubadde, ekyo…?... Kitaffe ow'omu Ggulu, omusajja ono ali...?...ateekeddwa okukuzuula Ggwe oba okufa. Ayagala okugenda mu ddwaliro…?... Sonyiwa ebibi bye Owonye omubiri gwe mu Linnya lya Yesu Kristo ka abeere mulamu. Genda ewaka, genda. Kale, wano, mutwale ow'oluganda ono ewaka.

Katonda waffe omwagalwa, mu Linnya lya Yesu Kristo, emikono gyange ngimutaddeko ng'amafuta g'Omwoyo Omutukuvu gali kumpi. Leka abantu bakyekkaanye. Leka awonyezebwe. Kitaffe Katonda, nga bwe nteeka emikono gyange (emikono gyange, omubiri gwange tegusaanidde, mwonoonefu, mwonoonefu ate mubi; wabula Omwoyo Omutukuvu Ali ku nze kaakano), leka amaanyi agasobola okukebera ebirowoozo by'omutima gafeeyo eri omukazi ono era gawonye omubiri gwe, mu Linnya lya Yesu.

Katonda omwagalwa, nga mmanyi muganda wange n'embeera ye, nga mmanyi nti kuno okutawaanyizibwa mu kwogera…[Bbanga jjereere ku lutambi -Omuk.] Ayi Katonda, ku ky'omusajja ono omuto, alwana olutalo olulungi olw'okukkiriza, ayimiridde mu Kubeerawo kwa Yakuwa Omugabirizi, Saddaaka ya Mukama gy'Agabiridde, ka amaanyi agaazuukiza Yesu okuva mu ntaana, gamukwateko katikati. Muwe okuyaayaana kw'omutima gwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina

Mukama Yesu, nteeka emikono gyange ku mwannyinaze. Mu Linnya lya Yesu Kristo, ka amaaso ago gatereezebwe. Leka okunyigirizibwa kwe kuve ku mubiri gwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kitaffe ow'omu Ggulu, ku lwa Mwannyinaze Kidd, nsaba nti Ojja kuwangula mu ye, era Omuwe amaanyi mu myaka gye emikadde nga bwe Wakola Nawomi. Mukama, ka asigale ng'akozesebwa ku lw'Ekitiibwa Kyo. Kikkirize, Taata, mu Linnya lya Yesu.

Awo eri Ow'oluganda Kidd, Mukama, okufa okwo kwamulumba, wabula Bulamu yamukomyawo. Katonda nsaba nti Ojja kumukuuma nga w'amaanyi. Ayisizza obudde bwe obugere. Naye Ggwe Katonda, era Ojja kukola kino olw'Ekitiibwa Kyo nga bwe Wansuubiza mu ddwaliro. Kaakati, Muwe amaanyi olw'obujulizi. Ka obujulizi bwe buvugire mu ggwanga lya Ohio, okuyita mu nsi yonna. [Bbanga jjereere ku lutambi -Omuk.] Nti Yesu Amponya kaakati. Nja kumutwala ku Kigambo Kye…

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7